Abaebbulaniya,
Essuula Ey'Omukaaga 2

. . . okuyiga ku Kigambo Kye eky'omuwendo.

Nnayingidde, emabegako awo, nga nkutte Bayibuli bbiri. Ne mbaako omukyala omu gwe nnasisinkanye ne njogera naye mu kansolingi emabega wano, ne mmugamba nti ssinga mbuulira okuva mu zombi, nja kuba n'eky'okwogerako ekirungi ddala. Naye eno erimu enkuluze eraga ensibuko z'ebigambo mu Luyonaani, kale waliwo kye njagala okusomamu, akawungeezi kano. Eno—eno . . . Eno y'eyavvuunulwa kigambo ku kigambo nga bwe biri, okuva mu Luyonaani olwasooka, okudda mu Lungereza. Era ennyambye nnyo bulijjo. Kale kati njagala mbeeko ne bye nsoma okuva mu yo, kubanga kati tuyiga okuva mu Kitabo kino eky'Abaebbulaniya, era kati tutuuse ku makulu gali gennyini ameekusifu ag'obuziba.

219 Era eddakiika ntono ezaakayita, ŋŋambye Ow'oluganda Neville nti, "Kati tuyingira mu kitundu abantu we bagenda okutakulira emitwe gyabwe batuuke n'okugamba nti, 'Ebyo sibikkiriza.'" Mukiraba? Ebyo by'ebintu bye twolekedde. Awo we twagala.

220 Waliwo omuweereza omu eyaŋŋambye, nti, "Naye, kirabika wajja kubaawo bangi abanaatakula emitwe."

221 Ne mugamba nti, "Ky'ekyo kyennyini kye twagala okukola." Mukiraba?

222 Bayibuli erina amakulu ga mulundi gumu gwokka. Teyinza kuba na makulu ga mirundi ebiri. Era singa ekitundu kya Bayibuli ekimu kibaako ne kye kyogera, ate ekitundu kya Bayibuli ekirala ne kyogera ekyawukana n'ekyo, kiba kitegeeza waliwo ekitali kituufu. Mukiraba? Yonna mu bulamba bwayo, eteekwa okwogera ekintu kye kimu. Naye, mujjukire nti, mu kuyiga Bayibuli, "Yakwekebwa amaaso g'abagezigezi n'abakalabakalaba, n'ebikkulirwa abaana abato," kubanga Kitabo kya mwoyo.

223 Ate Si kitabo ekyasibuka mu bulaaya. Wabula Kitabo ekyasibuka mu mawanga ag'omu buvanjuba bw'ensi ey'edda. Era waliwo ekintu kimu kyokka ekisobola okugivvuunula, nga oyo ye Mwoyo Omutukuvu. Kati mmanyi nti buli omu ku ffe twagala okugamba, nti, "Bye tukkiriza mu Bayibuli Eyo Omwoyo Omutukuvu y'abitugamba." Naye, kati, bwe kiba nti buli Kyawandiikibwa kikwatagana bulungi n'ebirala, awo ddala abeera Mwoyo Mutukuvu. Naye bwe biba tebikwatagana, nga mulimu omuwaatwa *wano,* n'omuwaatwa *wali,* awo

enzikiriza yaffe ebaako ekikyamu. Naye, ha, kye Kitabo ekirungi okuzaama.

224 Kati, njagala mukole kino nga bwe tuyiga. Kati, tulina okusimbula ku makya ennyo okugenda e Wyoming, Mukama bw'anaaba ayagadde. Mutusabire.

Ate mu wiiki eno ejja, Ow'oluganda Graham Snelling, wano . . . Waali wano. Nnamuwuliddeko gye buvuddeko, nga alanga enkuŋŋaana ze. Era ekkanisa eno eri mu nkolagana naye mu bujjuvu olw'enkuŋŋaana ze ez'okudda obugya. Era tusaba eri Katonda, amuwe okudda obuggya okw'amaanyi, okw'omuyiika, era okw'ekitalo. Ow'oluganda Graham yabuulira ku lw'Ow'oluganda . . . ali engulu wano eno mu Charlestown, Ow'oluganda Junior Cash, era nzijukira, waaliwo abantu nga kikumi abaalokoka. [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Kinaana mu bana."—Omuk.] Abantu kinaana mu bana be baalokoka. Kale, tugulumiza Katonda, olw'ekyo. Era tukkiriza nti luno lunaabaamu nga ebikumi bitaano mu kinaana mu bana engulu eno, mu kifo kino wano.

225 Ow'oluganda Graham yansisinkanye leero, n'aŋŋamba nti, "Kati, Ow'oluganda Bill, nkakasa okimanyi bulungi nti siri wano kubaako mulimu mulala gwe ntandikawo nga nkotana n'ekkuŋŋaaniro lino, kubanga ndi kitundu ku kkuŋŋaaniro lino." Kale ali wano ku . . . Akiwulira mu mutima gwe nti ayagala abeeko enkuŋŋaana ez'okudda obuggya z'ategeka, era nga Mukama y'amukulembera okukikola. A—ayite abaagala okulokoka, era alina ekkanisa, mw'anaabateeka abagambe nti, "Kati eno y'ekkanisa yammwe, muyingire, mulokoke."

226 Era buvunaanyizibwa bwaffe, nga Abakristaayo, okumuwagira na buli kimu kyonna kye tusobola. Era Mukama awe omukisa Ow'oluganda Graham. Kale mwenna, mwenna, mwanirizibwa n'essanyu lingi okubeerawo mu lukuŋŋaana lw'Ow'oluganda Graham engulu wano, nga muweereddwa olukusa mu bujjuvu okuva mu kkanisa eno, wamu n'okukolaganira awamu naye mu bujjuvu okumuyamba mu ngeri yonna gye tusobola, ku lw'emmeeme ezaabula ne ku lw'Obwakabaka bwa Katonda.

227 Mukama akuwe omukisa, Ow'oluganda Graham, akuwe enkuŋŋaana ez'amaanyi. Tamanyi ddi lw'anaazimaliriza. Atandika butandisi. Kati, Ow'oluganda Graham ayise mu mbeera nga ze mpiseemu, abadde mu mbeera nnyingi *ennungi* wamu *n'embi*. Obulamu bwe butyo bwe bubeera. Bukuleetera okusiima embeera *ennungi* bw'omala okuyita mu mbeera *embi*. Ssinga omuntu agwa n'asigala wansi n'atavaawo, abeera mutiitiizi. Mba n'obwesige mu muntu asituka n'addamu agezeeko. Bwe kiri. Nkakasa nga mutegeera kye ntegeeza. Kale kati, temwerabira, za wiiki eno ejja.

228 Kati, mu Kitabo kino eky'Abaebbulaniya, kati akawungeezi kano tetugenda kuddayo mabega.

229 Kati, ku Ssande ejja, Mukama nga ayagadde, Ow'oluganda Neville ajja kukiranga. Ow'oluganda Cox ono wano, oba abamu ku bo, bajja kuba babategeeza, oba tunaasobola okukomawo mu budde okusobola okubaawo mu lukuŋŋaana lw'oku Ssande ejja. Ajja kukiranga ku leediyo. Era tu. . . Kati mwenna mutege leediyo ye mugiwulirize, era—era—era mwanirize ne baliraanwa bammwe bonna nabo bawulirize. Mazima ddala nsanyuka nnyo bwe mpuliriza okubuulira kwabwe n'okuyimba, ekibinja ekyo eky'abayimbi abana eky'e Neville. Kati ekyo sikyogera lwakuba atudde wano. Ssinga nkyogera, naye nga si kye ntegeeza mu mutima gwange, mba ndi munnanfuusi. Ekyo kituufu. Mba nnina okwenenya. Naye nkitegeeza. Era kisingako ne mmuwa akamuli ka looza kati okusinga okulinda mmuwe ekisaaganda ky'ebimuli nga amaze okufa.

230 Lumu nnali nfuluma awo oluggi, ne nsisinkana omukyala, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, o, obubaka obwo bunnyumidde nnyo!"

231 Ne mmugamba nti, "Weebale kusiima." Nnawulira bulungi nnyo.

232 N'omulala n'ajja, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, obubaka obwo bunnyumidde nnyo."

233 Ne mmugamba nti, "Weebale kusiima."

234 Waaliwo omubuulizi omuto, okuva mu bitundu by'eggwanga eby'omu mambuka, mu ssaza erimu, n'agamba nti, "Katonda yeebazibwe, nze ssaagala bantu kumpaana ngeri eyo."

235 Kye nnava mmugamba nti, "Nze nkyagala." Ne mmugamba nti, "Waliwo enjawulo emu wakati wange naawe. Nze ndi mwesimbu nti nkyagala." Bwe kiri. Ffenna twagala okuwulira ebigambo ebirungi nga bitwogerwako. Era ndo—ndowooza kirungi okwogera ebigambo ebirungi ku muntu. Era bw'oba oyagala omuntu omulala okukwogerako ebigambo ebirungi, naawe yogera ebigambo ebirungi ku muntu omulala. Eyo y'engeri y'okukikolamu, olwo naawe ojja kwogera ebigambo ebisingirayo ddala okuba ebirungi ku buli muntu. Era ekyo kireetera nnamuziga okutambula obulungi.

236 Kati, mu kino, Ssande ejja, Mukama nga ayagadde, mu kulaba okwange, tugenda, tweyongera okuyingira buziba munda mu byama bya Katonda bino eby'ekitalo. Tugenda kuyiga ku Merukizeddeeki: Yali Ani, Yava wa, Yalaga wa, kiki ekyamutuukako, na byonna ebikwata ku Merukizeddeeki.

237 Era kati, ku Lwokusatu oluwedde kawungeezi, Ow'oluganda Neville yakoona ku ssuula emaliriza nga eyogera ku Mukama waffe Yesu nga bw'ali Katonda era kabona, etandika nga egamba nti, "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri

ez'enjawulo yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogera gye tuli okuyita mu Mwana We, Kristo Yesu."

238 Bw'ava awo n'agenda mu maaso, n'atandika okumwogerako n'okulaga kiki kye Yali, n'ajja nga amwogerako okutuuka mu ssuula ey'oku 5, essuula ey'oku 5 w'ekoma.

239 Kati okutandikira ku ssuula ey'omu 6, kino twakiyizeeko mu ky'okuyigirizaako kyaffe leero ku makya.

Kale tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka ku *kutuukirira;* . . .

240 Bameka abaanyumiddwa obubaka obukwata ku kutuukirira? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] "Leka tuyitirire okutuuka ku kutuukirira." Obwo bwe bwabadde obubaka bwaffe, enkya ya leero, mu ssuula ey'o 6 ey'Abaebbulaniya.

241 Kati tugenda kutuuka awo we tutandikira okutuuka ku—ku kitundu kyennyini ekya nnamaddala. Weewaawo, ffenna tukkiriziganya ku bintu bino byonna: okuba nti Kristo ye Katonda; era nti Ye Mwana wa Katonda; era nti Yali ne Katonda, era Katonda yali naye; era Yali mu Katonda, ne Katonda mu Ye, n'ebirala. Ebyo ffenna tubikkiriziganyaako. Naye, kati, okuva wano, ssimanyi bwe tugenda kukkiriziganya. N'olwekyo kyonna kye kiri, tujja kufunangayo ebiro nga biibyo, tubawe akakisa okumpandiikira akapapula muntegeeze kye mukirowoozaako.

242 Olwo ndyoke nnyanukule ebibuuzo. Bwe wabaawo kye ssisobola kwanukula, ŋŋambe nti, "Ow'oluganda Neville, ggwe ekyo okirowoozaako ki?" ŋŋambe nti, "Wuuyo. Leka akyanukule." [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Olwo nange nsome okuva mu Luyonaani."—Omuk.] Olwo naye asome okuva mu nkuluze y'ebyawandiikibwa, aggyeyo Oluyonaani. Ndowooza, ky'ekiseera nange ngiggyeyo.

243 Naye, kati, bwe tuneewombeekera ddala ne tubeera beesimbu, ne tujja nga ekigendererwa ekituleese kiri kimu kyokka, kwe, kuyiga. Nange, njagala okuyiga. Era Bayibuli yawandiikibwa, egamba nti, "E . . . Ebyawandiikibwa tebirina kuweebwa nzivuunula ya muntu yenna ku bubwe." Ekyo kitegeeza nti Ekyawandiikibwa kye kirina okuvvuunula Kyawandiikibwa kinnaakyo. Mukiraba? Buli Kyawandiikibwa kiteekwa okuvvuunula ekirala, mu Bayibuli yonna, okusobola okukifuula ekintu kimu ekikulu. Kubanga, Katonda tasobola kukyuka, kubanga Ye Katonda atakyukakyuka.

244 Kati, "Ka tuleke . . . "

Kale tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka ku *kutuukirira;* . . .

245 Njagala nnyo Pawulo nga ayogera ebintu ebyo. Pawulo teyali muntu ayagala okumala ekiseera ekiwanvu ennyo mu kifo

kimu. Yayagalanga nnyo okweyongerayo, mu buziba. Lumu, mu Byawandiikibwa, yagamba nti, "Nga, nneerabira ebyayita, nduubirira okutuuka awawakanirwa." Olaba? Yeeyongera kufuba kugenda mu maaso.

246 Wano agambye nti:

> Kati ka twerabire okwogera ku bigambo *eby'olubereberye ebya Kristo* (Yali Ani, kiki kye Yali), leka *tuyitirire okutuuka* ku *kutuukirira;* . . .

247 Kati ffe, okusooka, twayagadde tutegeere, "Ddala tusobola *okutuukirira?"* Era twakizudde, mu Byawandiikibwa ku makya ga leero, mu Matayo 5:28, nti Yesu yagamba nti "tulina okuba abatuukiridde nga Katonda bw'ali," oba si ekyo tetuyinza kuyingira.

248 Era twakizudde nti ffenna, buli omu ku ffe, "yazaalibwa mu kibi, n'abumbibwa mu bujeemu, n'ajja mu nsi nga ayogera bulimba." Nga mu ffe temuli kalungi konna yadde, kaakati ddala tuyinza tutya okuba abatuukiridde?

249 Kati kiikino kye twazudde, bwe, twasomye, ne tugeraageranya Ekyawandiikibwa n'Ekyawandiikibwa, nti, "Yesu, okuyita mu ssaddaaka emu, yatuukiriza, Ekkanisa Ye, emirembe n'emirembe." Ye. . . N'olwekyo tutuukiridde, okuyita mu Kristo. Era tetuliiko musango, okuyita mu Kristo. Tetulifa, okuyita mu Kristo. Twasimattuka okufa ne tuzuula Obulamu, okuyita mu Kristo; si kuyita mu kkanisa yonna, si kuyita mu kibiina kya ddiini kyonna, si kuyita mu kintu kyonna ekisasamaza, si kuyita mu kwogera mu nnimi, si kuyita mu kuleekaana, si kuyita mu kujugumira, si kuyita mu kuzinira mu Mwoyo, naye lwa kisa.

250 Katonda ayita yenna gw'Ayagala okuyita. Era twakizudde, nti kyonna kibaawo lwa kulondebwa. Twakizudde, nti, "Tekiri eri oyo ayagala okulokolebwa. Si oyo ayagala oba oyo adduka embiro; wabula Katonda y'asaasira." "Era tewali muntu n'omu ayinza kujja eri Yesu okuggyako nga Katonda y'amuwaludde, okusooka." Kati, kiki ky'oyinza okukola? Tolina ky'oyinza kukola. Ne mu kifaananyi tolina w'oli, yadde.

251 Twakirabye nti omuntu si y'anoonya Katonda. Katonda y'anoonya omuntu. Era twakirabye, nti, Katonda ye nsibuko yokka ey'Obulamu Obutaggwaawo. Twakirabye nti buli kintu Ekitaggwaawo tekirina ntandikwa yadde enkomerero. N'olwekyo, twakizudde nti ggeyeena yalina entandikwa, era erina enkomerero. Era waliwo. . . Tewali n'omu asobola kugamba nti ggeyeena ya mirembe gyonna; emirembe gyonna, weewaawo, ya mirembe gyonna, naye si ya Butaggwaawo.

252 *Emirembe gyonna* "kiseera ekigere." Bayibuli egamba nti "Emirembe n'emirembe." Ggwe gezaako okinoonyereze olabe oba nga *emirembe gyonna* tekitegeeza "kiseera ekigere." Yona yagamba nti yali mu lubuto lwa lukwata "emirembe gyonna."

Wamu n'Ebyawandiikibwa ebirala bingi, *emirembe gyonna* kitegeeza "ekiseera ekigere."

253 Naye, *Obutaggwaawo*, kitegeeza "emirembe gyonna"; ekitegeeza emirembe n'emirembe n'emirembe n'emirembe n'emirembe. Obwo bwe Butaggwaawo. Era twakirabye nti ggeyeena si ya Butaggwaawo, wabula ya mirembe na mirembe. Era eyo y'ensonga lwaki, oteekwa okwekaliriza ebigambo ebyo, kati. Bw'otakikola, bijja kukutabulatabula. Kati, mujjukire nti, ebyo byokka ebitaalina ntandikwa, bye bitalina nkomerero. N'olwekyo, Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu," obw'emirembe gyonna? Ekyo kikola amakulu? Nedda. "Alina Obulamu Obutaggwaawo." Era ekigambo *Obutaggwaawo* ye "Katonda." Ekigambo ekyo, kiikino wano wennyini mu nkuluze y'ebyawandiikibwa ey'Oluyonaani: *Zoe,* "Obulamu bwa Katonda" mu ggwe. Era obeera Toggwaawo nga Katonda bw'Ataggwaawo, kubanga olina Katonda mu ggwe.

254 Obutonde bwo obw'edda bwafa, obutonde obw'ensi, n'ofuuka kitonde kiggya. N'okuyaayaana kwo, obulamu obwo obw'edda obwalina entandikwa Katonda bwe yassa omukka ogw'obulamu mu nnyindo zo, bwe wazaalibwa, obulamu obwo obw'omubiri bwafa. Era bwalina entandikwa era bwalina enkomerero, era bwafa era ne buggyibwaawo emirembe n'emirembe, obutonde obw'edda. Katonda n'ayingiramu n'Obutonde obuggya. Olwo, okwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obukkakkamu, obugumiikiriza, obuteefu, n'ekisa, ne biyingira; ne bitwala ekifo omwali ettima, n'obusungu, n'obukyayi, n'e—n'obuggya, n'empaka, n'ebintu ebyo byonna. Byatwala ekifo kyabyo, bwe wava mu kufa n'oyingira mu Bulamu. Kati, mukitegeera, bulungi? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

255 Kati, muwulirize. Waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka. Twabulabye. Nga, Katonda yekka y'alina Obulamu Obutaggwaawo. Bayibuli bw'egamba. Katonda yekka y'alina Obulamu Obutaggwaawo. Era omuntu bw'aba wa kubonaabona mu ggeyeena, emirembe gyonna, ateekwa okuba nga alina Katonda, Ataggwaawo. Naye ŋŋamba nti waliwo . . .

256 Kati, mujjukire nti, sigamba nti teriiyo ggeyeena eyaka muliro. Ggeyeena eyaka omuliro gy'eri, eyaka omuliro n'olunyata. "Envu—envunyu gye . . . omuliro gye gutazikira n'envunyu gy'etefiira," erimu omuliro n'olunyata, ekibonerezo. Eyinza okumala emyaka obuwumbi kikumi. Naye erina okuba n'enkomerero, kubanga ggeyeena yatonderwa ssettaani ne bamalayika be. Ate nga buli kintu Katonda, Mwene, eyaliwo okuviira ddala ku lubereberye, buli kimu kyava ku Katonda. Omwoyo yennyini bwe . . .

257 Twala eky'okulabirako eky'*Omwoyo* ow'okwagala, eyo yali

nsulo ya Katonda enkulu, ennongoofu, etaliimu bwonoonefu bwonna. Mu okwo, ne muvaamu okwagala *okukyamiziddwa*. Omwo ne muvaamu okwagala *okw'obuntu*. Oluvannyuma ne kufuuka okwagala *okw'okwegatta* wakati w'omusajja n'omukazi. Ne kufuukamu okwagala okw'engeri endala, okwagala kuno n'okwagala kuli, nga kugenda kukyamizibwa okutuusa lwe kwafuuka *obugwenyufu*. Naye ebintu ebyo byonna byalina entandikwa. Era lumu birikomekkereza bizzeeyo mu kiri ekyasooka; kya Butaggwaawo; awo, okwagala okw'okwegomba kw'omubiri, okwagala okw'obuntu, okwagala okw'okulumirirwa, n'okwagala okw'engeri yonna lwe kulikoma.

258 Okukkiriza kuno okugeegeenya obugeegeenya kwonna kulikoma. Waliwo Okukkiriza okutuufu kumu kwokka. Okulala kwonna kulikoma. Kwakyamizibwa kuva ku nsulo eno eya nnamaddala.

259 Kati, n'olwekyo, ggeyeena, okubonaabona, okubonaabona si kwa Butaggwaawo. Okubonaabona kwajja lwa kibi, era ekibi kye kyaleeta okubonaabona. Era ekibi bwe kirikoma, n'okubonaabona, kuliba kulina okukoma. Era walibaawo ekiseera aboonoonyi, abatakkiriza Kristo, bwe baliba bamaze okubonerezebwa oba oly'awo okumala emyaka nga obuwumbi kikumi,. . . Simanyi, oba oly'awo emyaka obuwumbi lukumi. Simanyi. Naye kiribaako ekiseera, we kirituuka, ne kikoma, kubanga si kya Butaggwaawo.

260 Kati, kaakano tugenda kuluubirira, okutuuka mu kutuukirira. Kati muwulirize, nga bwe tuyingira mu Bubaka.

> *. . . obutateekawo gwakubiri musingi olw'okwenenya ebikolwa ebifu, n'*okuva *mu kukkiriza eri Katonda,*
>
> *Okuyigiriza okw'okubatiza,. . . n'okuteekako emikono,. . . n'okuzuukira kw'abafu, ne. . . musango ogutaggwaawo.*

261 Kati muwulirize. Tulina. . . Kati tulina wano ekifaananyi, kati. Kati wano wennyini we tugenda okufuna obutakkaanya. Kati olina okulaba wa ekifaananyi we kiri. Pawulo, wano agezaako, okwawula *amateeka* ku *kisa*. Tulina ebifaananyi bibiri: ekimu, kya mubiri; ekirala, kya mwoyo. Era Pawulo agezaako o—okwawula ebibiri ebyo, okulaga Abayudaaya. Ebbaluwa eno yawandiikirwa Baebbulaniya. Era okuyita mu kitabo ky'Abaebbulaniya kyonna agezaako okulaga nga Endagaano Enkadde bwe yali ekifaananyi ekyoleka Endagaano Empya. Na bwe kityo, olina ebifaananyi bibiri wano eby'okulowoozaako.

262 Kati muwulirize n'obwegendereza nga bwe tusoma. Kati yagamba nti:

> *. . . tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka* ku *kutuukirira;. . .*

263 Kati, ekyo twakirabye ku makya ga leero, engeri gye twatuukirizibwa. Twatuukirizibwa, tetuliiko bbala lyonna wadde okunenyezebwa kwonna, tetuliiko kibi n'ekimu. Ekyo kitegeeza nti tokyayinza kukemebwa? Nedda. Oyonoona buli lunaku? Yee, ssebo. Naye, ate, twatuukirizibwa kubanga tuli mu Ye. Era Katonda tayinza kuddamu kutusalira musango nga bwe (tutayinza kuba batuukirivu), Yatusalira dda omusango okuyita mu Ye. Bwe Yasalira Kristo omusango, Yagusalira nze, Yagusalira ggwe. N'olwekyo Takyayinza kuddamu kunsalira musango, kubanga Yatwala omusango gwange bwe mba nga nnanunulibwa.

264 Kati bwe mba ne lisiiti eraga nti essaawa yange nnaginunula ne ngiggyayo mu dduuka gye yali esingiddwa ew'omuwozi wa ssente, omuntu yenna kamutande ayagale okugizzaayo mu dduuka gye nnali nnagisinga, nga nnina lisiiti eraga nti ebbanja nnalisasula. Mba nnaginunula ne ngiggyayo.

Kati ne ssetaani ssinga agezaako okunteekako ekibonerezo, nnina lisiiti eraga nti nnanunulibwa. Yee, ssebo. Ssiriddamu kusalirwa musango mulundi mulala! "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo, era talijja mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu." Eyo ye lisiiti yange. Yawa ekisuubizo.

265 Kati, kaakati ekifaananyi kye tulina, wano.

> . . . *obutateekawo mulundi gwakubiri* misingi *olw'okwenenya ebikolwa ebifu, ne . . . n'okukkiriza eri Katonda,*
>
> . . . *okuyigiriza* okw'okubatiza, . . . *n'okuteekako emikono, . . . okuzuukira kw'abafu, . . . n'omusango ogutaggwaawo*.

266 Kati, mujjukire. Mulaba nga ekigambo ekyo kiddamu ne kikozesebwa nate? Twakikozesezza ku makya, "Omusango Ogutaggwaawo." Katonda bw'Ayogera, ky'ayogera Kiba Tekiggwaawo. Tekisobola kukyusibwa, n'akatono. N'olwekyo, omusango gwa Butaggwaawo, lubeerera gulisigala musango. Ne bwe tubeerawo mu mulembe ki, wajja kubaawo omulembe ogumu, wabeewo n'etteeka, libeerewo emirembe gyonna, manya okumala ekiseera kye linaabeerawo, na *kino* na *kiri*. Naye omusango gwa Katonda gusigala gwa Butaggwaaawo, Ateekwa okugutuukiriza, kubanga Yayogera Ekigambo. Katonda bw'ayogera Ekigambo, Kirina kuba nga Tekiggwaawo. Bwe kiri.

267 Kati ekyo leka nkibasomere okuva mu Luyonaani. Muwulire bwe kigamba.

> *Kale nga tuleka—nga tuleka okwogera ku bigambo bya Kristo eby'olubereberye, Oyo eyaweebwayo nga omutango, tusaanye tuyitirire—tuyitirire okutuuka mu . . .*

Kati, binnemye okusoma. Tebirabika bulungi. "Obutateekawo nate engeri . . . " Kiikino.

. . . obutateekawo nate mulundi gwakubiri nkola ya kweddaabulula okuva mu bikolwa ebireeta okufa.

268 Kati, enkuluze eno teriimu kunnyonnyola kwonna, yadde. Wabula ewa buwi kigambo kya Luyonaani ku lw'ekyo Olungereza kye lwogera. Era wagamba nti, "Kati tetwagala . . . " Muwulire wano, mulabe.

. . . obutateekawo misingi gya kweddaabulala okuva mu bikolwa ebireeta okufa.

269 Kaakati ekyo singa mukifuna mu birowoozo byammwe, ky'ayogerako wano eno, nti, "Enkola ez'okweddaabulula zireeta okufa." Pawulo yagamba nti, "Tuleke ebigambo eby'olubereberye, tugende mu kutuukirira, obutateekawo mulundi gwa kubiri musingi gwa kwenenya okuva mu bikolwa ebifu n'okukkiriza eri Katonda: enjigiriza ez'okubatizibwa, okuteekako emikono, okuzuukira kw'abafu, n'omusango Ogutaggwaawo." "Enkola ez'okweddaabulula ezireeta okufa," bye byali ebigambo ebituufu eby'okukozesa. Ky'ekyo kyennyini Pawulo kye yawandiika. Mulaba ky'agezaako okukola?

270 Kati, ebintu bino byonna, nga okubatizibwa: omu n'abatizibwa nga agalamiziddwa, ate omulala n'abatizibwa nga bamuvuunise, omu mu linnya lya Kitaffe, Omwana n'Omwoyo Omutukuvu, ate omulala mu linnya lya Yesu, omu mu ngeri *eno,* omulala *eri,* n'obuntu obulala obw'enjawulo buno obukwata ku kubatiza.

271 N'okuteekako emikono: "Nneebaza Katonda, nnina ekirabo eky'okuteekako emikono. Aleruuya! Ggwe, osobola kumufuna *bw'oti*. Aleruuya!"

272 Ebyo byonna tubiteeke ku bbali, kubanga ebyo bikolwa ebifu, okweddaabulula kuno kwonna, okwezza obuggya. Mukiraba? Ayogera ku mutendera mulula. Kati agamba nti, "Ebyo leka tubireke, tweyongereyo okutuuka ku kutuukirira." Mukifuna? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

273 Naye ebyo by'ebintu ekkanisa mw'ekyamalira obudde. Ebyo bye baali bagezaako okukola. Ab'omu kkanisa y'Abebbulaniya eyasooka baali mu kuwoza mbu, "Kati, nze bwe baali bambatiza bannyinyika mu mazzi, era—era nnafuna *kino*, na *kino,* n'ebintu *bino* byonna."

274 N'abagamba nti, "Kati, ebyo byonna mubiteeke ku bbali, mubireke emabega." Naye, kati, yagambako nti tetulina kubikola? Kati muwulire bwe yabyogerako.

Era bwe tunaakola bwe tutyo, . . . Katonda bw'anaayagala.

275 Ne biri ebyasooka bwe bityo bwe bigamba.

Ebyo tujja kubikola, Katonda bw'Anatukkiriza, mulaba.

Ebyo tujja kubikola, Katonda bw'Anaatukkiriza.

276 Okubatiza, okuteekako emikono, n'ebirala, naye ebyo si kwe kutuukirira. Ebyo kweddaabulula bweddaabuluzi okw'omubiri. Naye ku ebyo amakanisa kwe gakoma, leero, gakoma ku kweddaabulula kwa mubiri. Omu ku bo yagamba nti, "Kati, mumanyi, amazzi, ekigambo *okubatiza* kitegeeza *kino* era kitegeeza *kiri*."

277 Ne bagunjaawo ebibiina: omu n'abamansirako amazzi, omulala n'agabayiira, omulala n'ababatiza nga abavuunise, omulala nga abagalamizza, n'ebintu ebirala ebyo byonna. abamu ne bateeka emikono ku balwadde, abamu ne babafuula abatume, abalala bannabbi n'ebirala, okuyita mu kubassaako emikono; n'okubuulira okuzuukira mu bafu, weewaawo nga tekiriimu kabi; ne Yesu nga bw'ali Katonda ddala yennyini, nga nakyo tekiriimu kabi. "Naye," yagamba nti, "ebyo byonna bye bya bulijjo eby'okweddaabulula n'okwezza obuggya. Mu kukola ebyo tubadde tweddaabulula. Kati leka tweyongereyo mu maaso okutuuka ku kutuukirira." Ekifaananyi mukifuna? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

278 Kaakati mwetegereze. Kati ekitundu eky'obuziba wano we kijjira.

Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, ne balega ku kirabo eky'omu ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,

Ne balega ku kigambo ekirungi ekya Katonda, . . . maanyi *ag'emirembe egigenda okujja,*

Ne bagwa okubivaamu, tekiyinzika bo okubazza obuggya olw'okwenenya; nga beekomererera bokka omulundi ogwokubiri Omwana wa Katonda, ne bamukwasa ensonyi mu lwatu.

279 Kati, mmwe abakwata amateeka mmanyi kye mulowooza, naye muli bakyamu. Okiraba? Kale. Ku kino kwe nnyimirira, era ne Bayibuli ekikakasa, nti, "Katonda bw'alokola omuntu yenna, omuntu oyo aba alokoleddwa mu biseera ne mu Butaggwaawo." Tosobola kugyogeza kirala kyonna kyawukana ku ekyo.

280 Waliwo omu ku beekubiira ennyo ku nnono z'ebyawandiikibwa eyajja gyendi, ebbanga si ddene eriyise, n'aŋŋamba nti, "Nkukwasiza ku kino, Mubulizi Branham. Nkukwasiza ku kino. Wagamba nti, 'Omuntu bw'alokoka, tayinza kubula'?"

281 Ne mmugamba nti, "Katonda bw'atyo bwe yagamba."

282 N'aŋŋamba nti, "Ka mbeeko ne kye nkubuuza. Sawulo yali nnabbi, era yalagula. Era okimanyi bulungi nti yali

muntu Katonda gwe yafukako amafuta. Bayibuli egamba yali yafukibwako amafuta. Naye yetta, era n'abula."

283 Ne mmugamba nti, "Yabula?" Ne ŋŋamba nti, "Naye ate Bayibuli egamba nti 'yalokolebwa.' Ne bwe yafuuka omulabe wa Katonda, era yalokolebwa. Bayibuli egamba yalokolebwa. Ye, n'okusooka kwa byonna, si ye yetta. Mufirisuuti ye yamutta, era Omufirisuuti oyo eyamutta Dawudi n'amutta. Kituufu yagwa ku kitala kye, ku ffumu lye, ku kitala, kwe yagwa. Naye tekyamutta. Omufirisuuti kwe kujja n'amutta. Era oluvannyuma Sawulo bwe yagenda eri omusamize, n'ayitayo omwoyo gwa Samwiri, kubanga yali tannayingira mu Kitiibwa, yali mu lusuku olw'okwesiima wansi w'omusaayi gw'ente ennume n'embuzi ebyali tebisobola kuggyawo kibi. Naye yalina okufuna ekifo w'alindira, ekiyitibwa olusuku olw'okwesiima, okutuusa lw'aliyingira."

284 Kati mmwe Abakatuliki awo we wababuzaabuza. Mukiraba? Kati, leero tewakyaliwo lusuku lwa kwesiima. Tugenda butereevu mu Kubeerawo kwa Katonda.

285 Era omusamize w'e Endoli bwe yayitayo omwoyo gwa Samwiri, n'avaayo n'ayimirira awo. Omukazi n'agwa ku bwenyi bwe, n'amubuuza nti, "Onnimbidde ki?"

286 Era Sawulo teyayimirira awo kyokka . . . manyanga Samwiri, mu byambalo bye nga nnabbi, naye yali akyali nnabbi. Yamubuuza nti, "Lwaki okungolokosa okuva mu kuwummula kwange," n'agamba, "nga ate ofuuse mulabe wa Katonda?"

287 N'amuddamu nti, "Nanti, Ulimu tekyayogera nange. Ne nnabbi takyalagula gyendi. Ka bibeere ebirooto sikyafuna yadde n'ekimu."

288 "Naye," Samwiri kwe kumugamba nti, "wafuuka mulabe wa Katonda. Naye enkya olutalo lujja kunyinyitira, era enkya ogenda kufa. Era kanaaba kampegaano, enkya akawungeezi, ojja kubeera nange." Kati Sawulo bw'aba yabula, ne Samwiri yabula, bombi baali wamu. Mazima ddala. Bayibuli bw'egamba.

289 Kati, osobola okukyamuukirira, n'oyogera ennimi, n'okuleekaana, ne weesuukunda, n'ojugumira, n'odduka n'odda eno n'eri mu nkuubo. Ebyo byonna sibirinaako mutawaana gwonna. Naye osobola okwekkirizisa nti oli mulokole naye nga toli, nga tolokokanga. Obulamu bwo bujja kukakasa kiki ky'oli. Yesu yagamba bujja kukakasa bwe yagamba nti, "Mulibamanyira ku bibala byabwe." Obulamu bwo bujja kukakasa oba walokoka oba nedda, ne bw'otayasamya kamwa ko kubaako ky'oyogera. Obulamu bwo bujja kukakasa kiki ky'oli.

290 Naye okwekaniikirira kuno kwonna n'okukyamuukirira n'okwegatta ku kkanisa n'okuwoza mbu, "Nze nnabatizibwa mu Linnya lya Yesu, aleruuya, mmanyi nnamufuna," ebyo temuli makulu yadde.

291 "Nnabatizibwa, mu linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, nga banvuunika, emirundi esatu. Nnamufuna." Ebyo temuli makulu yadde.

292 Pawulo yagamba nti, "Kale kaakano leka tuyitirire okutuuka ku kutuukirira." Twogera ku kutuukirizibwa. Era kino bwe tuneeyongera okukigenda ebuziba, mujja kukizuula nti, abaatuukirizibwa beebo Abalonde. Ŋŋenda kukibakakasa, mu ddakiika ntono, nga nkozesa Bayibuli. Abatuukirizibwa be Balonde, Katonda be yalaba buli omu ku bo, nga n'ensi tennatondebwa. Era Yesu yamutuma kununula abo, so si nsi yonna. Yonna yali ayagala okuginunula, naye abo be Yalina okukolera ekkubo. Era engeri yokka gye yali Ayinza okukikolamu, kwe kuweereza Kristo; Ajje, afuuke omutango ku lw'ebibi byaffe, Asobole okubaleeta, abo abaalondebwa gy'Ali, mu Kitiibwa.

293 Ddala olowooza Katonda asobola okumala gaddukanya atyo woofiisi Ye nga atalina mulamwa, n'agamba nti, "Kale, tomanya wandibaayo anaanyolwa ku Lwange, oba oly'awo n'ajja n'alokoka"? Katonda teyeetaaga kusooka kukwegayirira okubaako ne ky'okola. Bwe wabaawo okwegayirira okw'engeri yonna, ye ggwe alina okwegayirira, so si Katonda.

294 Naye kati, Kristo yafa okulokola abo Katonda, olw'okumannyirawo okw'ebintu nga tebinnabaawo, be yalonda okumusisinkana emitala eri nga tebaliiko bbala wadde olufunyiro. Yakulaba mu Kitiibwa, ensi ne bwe yali tennatondebwa. Bayibuli bw'etyo bw'egamba, Abaefeso, essuula 1. Essuula ey'oku 5, olunyiriri 1. Katonda yatuteekerateekera olw'okumanyirawo kw'ebintu nga tebinnabaawo.

295 Kati, bwe kiba nti ekyo Katonda kye yakola, nga yatwawula dda nga n'ensi tennatondebwa, era nga buli omu ku ffe yamanya erinnya lye, nga n'ensi tennatondebwa, n'atulonda okufuna Obulamu Obutaggwaawo, n'atuma Yesu Kristo okutununula, era nga, emyaka kakaaga egyakayita, Yatulaba, tulabisibwe olw'ettendo Lye mu Kitiibwa, oyinza otya okubula?

296 Kati, bw'olokoka, obeera olokose. Singa Katonda akulokola akawungeezi ka leero, nga Akimanyi bulungi nti mu myaka kkumi okuva kati ajja kukufiirwa, Abeera Yeerwanyisa Yekka; Katonda, oyo ataliiko kkomo mu kumanya, Ayinza byonna, Ataggwaawo, alina amagezi ag'emirembe n'emirembe, bw'aba mu kaseera kano tamanyi byonna bikukwatako oba olinywera oba tolinywera. Kati, bw'Akulokola, n'agamba nti, "Owaaye, ka mmugezeeko, ndabe ky'anaakola," olwo Aba tamanyi nkomerero kuva ku ntandikwa. Katonda amanyi ky'Akola, ekyo tekikweraliikirizanga. Nze naawe ffe tutagalatagala. Katonda Ye amanyi ky'Akola. Era Yamanya oba tuli. . . oba tulinywera, oba kyonna kye twali ab'okukola.

297 Kati, Bayibuli egamba nti, Esawu ne Yakobo, ku bombi bwe kwali tekuli y'abadde okuzaalibwa, Katonda yagamba nti, "Omu mmwagadde, naye omulala mmukyaye," bwe baali tebannaba na kussa mukka gwabwe ogusooka, okulonda Kwe kusobole okunywera.

298 Ibulayimu yali ani (Tugenda kumutuukako wano, mu ddakiika ntono.), yali ani, okutuuka okuba nti Katonda amuyita, n'amulokola awatali kintu kyonna? Katonda akola endagaano n'omuntu, naye endagaano eyo omuntu n'agimenya. Naye Endagaano eno Katonda yagikola nga Ye yekka, era ne yeerayira, Ye mwene, omuntu tagirinaamu mukono yadde. Kwali kumanyirawo kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo, Yagikola, mu buli ngeri.

299 Kati, oyinza okumbuuza nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, bwe nfuuka Omukristaayo, mba wa ddembe okukola kyonna kye njagala okukola?" Mazima ddala. Bw'oba oli Mukristaayo, kola kyonna ky'oyagala. Naye nkukakasa, tojja kuba na kuyaayaana kwonna kwa kukola kikyamu. Kola kyonna ky'oyagala okukola. Bulijjo nkola kye njagala okukola. Era bwe kiba nti mpeereza Mukama kubanga ntya okugenda mu ggeyeena, awo mba ssimuweereza mu ngeri ntuufu. Ssinga mbeera mwesigwa eri mukyala wange kubanga ntya nti ajja kunoba andekewo, sibeera mwami mulungi. Naye ssiyinza kugenderera kumulumya, kubanga mmwagala.

300 Bwe kityo bwe kiri n'eri Kristo, omuntu bw'azaalibwa Omwoyo wa Katonda. Si kuba yaleekaana, oba yayogera ennimi, oba yafuna okukyamuukirira okw'engeri yonna; wabula kubanga okwagala kwajja ne kuyingira munda mu mutima gwe, ne kutwala ekifo ky'ensi. Nkukakasa, omuntu oyo aba ayagala Kristo. Atambula naye, buli lunaku. Tekikwetaagisa kumugamba mbu, "Kikyamu okukola *kino*, oba *kiri*, oba *ekirala*." Akimanyi bikyamu. Era, atambula, nga mulimu ogwayawulibwa ogw'ekisa kya Katonda ekissukkulumye. Mazima ddala.

> *Kubanga tekiyinzika eri abo* abaamala *edda okwakirwa,. . .ne balega ku*. . .kuyitibwa *okw'omu ggulu*. . .

Kati, oluusi tuzze tulowooza nti oyo ye muntu eyayakirwa omusana ate oluvannyuma n'agwa, naye mu Bayibuli tekisoma bwe kityo. "Tekiyinzika n'akatono eri omuntu," bw'atyo bw'agamba wano, "eyafuna Omwoyo Omutukuvu, okugwa n'abivaamu." Kati kisome olabe oba si bwe kigamba. Labayo, twala omutwe, n'ebyogerwako byonna, wamu n'ebirimu byonna, manyanga, omulamwa omukulu ogwogerwako.

301 Kati bw'abadde atandika, kiki ky'atandise nakyo? "Leka tuyitirire okutuuka mu kutuukirira." Kati, agambye nti, "Leka tuleke okudda mu by'omubiri, okuteekawo omusingi

ogw'enjigiriza ez'okubatiza n'okweddaabulula, n'ebirala. Leka tuleme kukoma ku ebyo. Leka tuyitirire tutuuke ku kutuukirira." Omulamwa guli *kutuukirira*, era okutuukirira kujja ku bwa Kristo. Era twayingira tutya mu Kristo? Kuyita mu kwegatta ku kkanisa? "Ku bw'Omwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Tetuyingira kuyita mu: kwogera lulimi, lumu; oba nti kukwataganako mu ngalo, omulundi gumu; oba okubatizibwa, kumu. "Naye ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Mukitegeera? Okwo kwe kutuukirira.

302 Era bw'oyingira mu Mubiri ogwo, obeera mu Kristo, era ensi eba nfu gy'oli. Era otambula n'Omwana gw'endiga buli lunaku, era ebigere byo Katonda y'abiruŋŋamya, ku kiki ky'olina okukola. O, nga tuyita mu bigezo n'okugezesebwa okuyitirivu! Oyinza okumbuuza nti, "Naawe ofuna okugezesebwa?" Yee, ssebo. Kiki . . .

303 Ekisa ky'ekyo Katonda kye yankolera, ebikolwa ky'ekyo nze kye nkolera Katonda. Kati, bajja kubigunjaamu enjigiriza, balowooza nti ebikolwa byo bye bikufuula asaanidde. Bwe kiba bwe kityo, awo tekiba kirabo kya buwa. Ekisa ky'ekyo Katonda kye yakukolera, "Walokolebwa lwa kisa." Ate ebikolwa ky'ekyo ky'okola okusiima ekisa kye Yakulaga. Era bw'oba omwagala, ojja kwagala okukola emirimu gya Mukama. Mazima ddala, kubanga, obeera, o—omwagala.

304 Bwe nnakkiriza Meda Broy, nga mukyala wange, ky'ekyo okwagala kye kwamukolera. Kati ye bino by'akola, okunsiima olw'okwagala okwo: mukyala mulungi, asigala awaka, n'alabirira abaana, era n'atambulira mu bulamu obulungi obw'obwesigwa. Si lwakuba tetuli bafumbo; tuli bafumbo. Naye ebyo abikola olw'okusiima. Ne bw'agenda mu tawuni, buli lunaku, n'ayingira mu buli kadduuka ka cakalacakala, n'atambula buli wamu wonna, n'atayoza bintu, oba okukola ebirala byonna, tusigala tukyali bafumbo. Mazima ddala. Bwe nnakola ekirayiro kyange, kyaggwa. Kati mukyala wange. Kasita tuba nga tukyali balamu, asigala mukyala wange. Ekyo kye kirayiro kye yakola. Naye ky'akola okusiima okwagala okwo: asigala awaka, n'alabirira abaana, n'agezaako okuba omukyala omulungi.

305 Nsobola okutambula ne ntalaaga, eggwanga lyonna, ne mmuleka nga kyenkana talina na kya kulya, yadde ekintu kyonna, ne ndeka nga abaana tebalina kya kulya; tusigala tuli bafumbo. Ne bw'anoba n'andekawo, nsigala nkyali mufumbo, kasita mba nga nkyalimu obulamu mu mubiri gwange. Nnakola ekirayiro ekyo ne nsuubiza nti, "Okutuusa okufa lwe kulitwawukanya." Bwe kiri. Tusigala tuli bafumbo. Naye, ekyo bwe nkikola, mba ssiba kyakulabirako kituufu kya mwami. Naye bw'akikola taba kyakulabirako kituufu eky'omukyala.

N'olwekyo bwe tuba nga twagalana, tusigala wamu mu bufumbo bwaffe, ne twetikka omugugu, ffembi.

306 Bw'atyo Katonda bw'ali n'Ekkanisa Ye. Bw'ozaalibwa mu Bwakabaka bwa Katonda, osisinkana embeera *ennyangu* n'*enzibu*, kituufu, naye osigala oli Mukristaayo, kisigala kiri nti wazaalibwa Omwoyo wa Katonda. Weewaawo Katonda asobola okukujja ku nsi nga ekiseera kyo tekinnatuuka.

> . . . *tekiyinzika eri abo* abaamala *okwakirwa*, *ne balega ku* . . . *kirabo eky'omu ggulu,* . . .
>
> . . . singa *bagwa okubivaamu, tekiyinzika* bo *okubazza obuggya olw'okwenenya;* . . .

307 Kati, mmanyi kye mulowoozaako, mulowooza ku kkanisa. Leka mbaweeyo ekirala ekigumu okusinga ku ekyo, kisobole okusalako a—abeesiba ku mateeka gokka. Leka tubikkule mu Abaebbulaniya, essuula ey'e 10, tubeeko ne kye twekkaanya mu ddakiika ntono.

308 Essuula ey'e 10, olunyiriri olw'a 26.

> *Kubanga bwe tugenderera okwonoona nga tumaze* . . . *okuweebwa okutegeera amazima, tewasigaddeeyo nate ssaddaaka* olw'ekibi,
>
> *Wabula okulindirira n'obuti* . . . obw'*omusango n'obukambwe obw'omuliro ogugenda okwokya* omulabe.
>
> *Yenna eyanyoomanga amateeka ga Musa yattibwanga awatali kusaasirwa awali abajulirwa babiri oba basatu:*
>
> *Mulowooza* mutya, *okubonerezebwa* oyo kwalisaanyizibwa . . . kulyenkana wa okusinga okuba okubi . . . eyalinnyirira . . . eyalinnyiririra ddala *Omwana wa Katonda,* n'alowooza *omusaayi gw'endagaano ogwamutukuza obutaba, obutaba mutukuvu, era* . . . *n'agirira ekyejo* ebikolwa *eby'ekisa?*

309 Kati mugenda kumbuuza nti, "Ekyo okyogerako ki, Ow'oluganda Branham? Ekyo kyo kiri kitya?"

Kati, ggwe soma busomi, ndowooza nti, "Ekyawandiikibwa *ekyo* si kye kigamba." Ekyo tekyogera ku Mukristaayo. Ekyo kyogera ku muntu eyawulira Ekigambo ate n'akivaako. Mukiraba?

> *Kubanga bwe twonoona* . . . (Okwonoona kye kiki? Bwe butakkiriza.) . . . *bwe* tugaana okukkiriza mu *bugenderevu* nga enjiri emaze okubuulirwa gye tuli, *waba tewasigaddeeyo nate ssaddaaka* olw'ekibi,

310 Ekibi kye kiki? Bwe butakkiriza. Soma enjiri y'Omutukuvu Yokaana, essuula ey'oku 4. Yesu yagamba nti, "Oyo atakkiriza gumaze okumusinga." Ekibi si kwe kunywa sigala, si kwe kunywa mwenge, si bwe bwenzi. Ebyo obikola kubanga oli

muntu atakkiriza. Ebyo bibala bubala. Ebyo obikola kubanga oli muntu atakkiriza. Okulekayo okufuuwa sigala, n'olekayo okunywa omwenge, n'ebirala bwe bityo, tekitegeeza nti—nti kati olwo oli Mukristaayo. Ebyo biba bibala by'obala nga omaze okulokoka. Naye, osobola—osobola okubikola oba obutabikola, naye era n'osigala nga toli mukristaayo.

311 Kati mwetegereze.

> . . .oyo agaana okukkiriza *mu bugenderevu nga amaze* . . .

312 Si—si, "Nga amaze okufuna Kristo mu mutima gwe." Bayibuli bw'etyo si bw'egamba. Egamba nti, "Oyo . . . "

> . . .*bwe tugenderera okwonoona,* ne tugaana okukkiriza nga tukigenderedde . . .*nga tumaze okuweebwa okutegeera amazima,* . . .

Mukifuna? Yali tayogera ku Mukristaayo, n'akatono.

313 Waliwo omukazi omu eyajja gyendi, gye buvuddeko, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ndi Mukristaayo, naye nnavvoola Omwoyo Omutukuvu."

314 Ne mmugamba nti, "Tekisoboka." Omukristaayo tayinza kuvvoola Mwoyo Mutukuvu. Tosobola kukikola. Omwoyo w'Omukristaayo assa kimu n'Omwoyo wa Kristo. Mukiraba? Era buli kintu ekya Katonda, ajja kukiyita, "kya Katonda."

315 Naye bw'oba n'endowooza ey'omubiri, ojja kujolonga era osekerere Omwoyo Omutukuvu; Ssifaayo oba ogenda ku kkanisa okwenkana wa, osigala oli mwonoonyi, era obeera ovvoola Omwoyo Omutukuvu. Bwe baalaba Yesu nga ayawula ebirowoozo byabwe, baagamba Yali "Mulaguzi."

316 Yesu n'abagamba nti, "Mulina . . .Ekyo Nja kukibasonyiwa, naye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja, okumwogerako ekigambo kimu eky'okumuvvoola, tekiribasonyiyibwa."

Kubanga, baagamba mbu, "Aliko omwoyo omubi," nga bayita Omwoyo wa Katonda, "ekintu ekitali kirongoofu."

Ekyo Omukristaayo tayinza kukikola. Omukristaayo Omwoyo wa Katonda bulijjo ajja kumuyita, "Butuukirivu." Mukiraba? Omukristaayo tasobola kuvvoola Mwoyo Mutukuvu. Omuntu ow'ebweru y'avvoola.

317 Abo abaali bayimiridde awo tebaali Bakristaayo. Baali bannaddiini, Bayudaaya ab'enzikiriza y'ekiyudaaya, abaalina diguli z'obwa dokita mu by'eddiini, n'ebirala, era baali bamujolonga Ye awamu n'emirimu Gye, nga bayita emirimu gya Katonda, mbu, "Omwoyo omubi gwe gwali gugikola."

318 Era mulowooza bameka leero abavvoola Omwoyo Omutukuvu, nga ate balina ebitiibwa ebya D.D.D., Ph.D. ku mannya gabwe? Abasoddokisi bameka, n'Abakatuliki, n'Abapolotesitante, ab'ebitiibwa abakakanyavu, abatambula ku

nguudo nga bavvoola okukola kw'Omwoyo Omutukuvu, naye nga bakakensa abayivu, nga toyinza kubasangako nsobi yonna? Bwe kiri. Naye bajolonga Omwoyo Omutukuvu, n'olwekyo bamuvvoola.

Naye Omukristaayo eyazaalibwa ogw'okubiri ekyo tasobola kukikola. Ajja kugamba nti, "Oyo muganda wange. Oyo Mwoyo wa Katonda omulamu." Bwe kiri. Omukristaayo tasobola kuvvoola Mwoyo Mutukuvu.

319 Omwonoonyi y'avvoola Omwoyo Omutukuvu; oyo atakkiriza, *omwonoonyi*, "oyo atakkiriza." Waliwo ebintu bibiri byokka: ku bibiri oli mukkiriza, oba atakkiriza.

320 Kaakati, mulabeeyo, kino okusobola okukiwumbawumba mu ngeri ennungi. Nnafuna okwolesebwa okwantawanyanga. Emyaka mingi egiyise ekyo engeri gye nnakirabangamu. Nga ŋŋamba nti, "Ha, omuntu ssinga afuna Omwoyo Omutukuvu, ate oluvannyuma n'agwa, abeera abuze emirembe gyonna." Nga sikikwataganya na kino ekirala kuggyayo makulu ga kiki kye kitegeeza.

321 Nga nneebuuza nti, "Naye ate lwaki Bayibuli egamba, nti, 'Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma alina Obulamu Obutaggwaawo, Obutaggwaawo, era talijja mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu. Abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi, era tewali n'omu ku bo alibula, Ndibazuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma. Tewali ayinza kubasikula kuva mu mukono Gwange'? Ekyo kikwatagana kitya na kino? Nga sikitegeera. 'Tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa.'" Mu nze ne ŋŋamba nti, "Waliwo ekikyamu. Kinnemye okutegeera."

Era waliwo olukuŋŋaana lw'Abapentekoote lwe nnagendamu, emyaka mitono egyayita.

322 Ndowooza, akawungeezi ka leero, tewaliiwo n'omu ku abo abaaliwo mu kkanisa mu kiseera ekyo, ayinza kukijjukira. Emyaka mingi egyayita, kirabika kyaliwo mu biseera ekkuŋŋaaniro lino bwe lyali likyazimbibwa. Okuggyako, Ow'oluganda Graham emabega wali alabika yaliwo, oba omuntu omulala. Ku mmwe, ab'oluganda, ssimanyi, ani eyasooka munne okujja. Naye Ow'oluganda Mahoney, ndowooza, ye yasooka. Weewaawo ye yasooka. Nga sinnaba na kuwasa.

323 Ekirabo ekyo bwe kyali kikola, nnatya. Baŋŋamba nti kya ssetaani. Ssaakimanya nti si bwe kiri okutuusa Malayika wa Mukama lwe yakiŋŋamba.

324 Ne ŋŋenda e Mishawaka, ne ntuula mu lukuŋŋaana olwo, era nnali siwuliranga kuleekaana na kukaaba na kutendereza Katonda nga ebyali mu lukuŋŋaana luli. Mu nze nnagamba nti, "Ow'oluganda, lino Ggulu." Era, bannaaye, nga babuuka okukamala.

325 Baalutegeka mu Bukiikakkono, olw'okusosolagana mu langi okwaliwo. Nga lulimu abaddugavu n'abazungu nga bonna bakuŋŋaanye wamu. Ab'ekiwayi kya P.A. eya W. n'ekya P.A. eya J.C. bonna baali beegasse wamu nga bafuuse United Pentecostal. Naye abaffe nga baalina okudda obuggya okw'ekitalo, erudda eri mu kuŋŋaaniro ly'Ow'oluganda Rowe e Mishawaka. Kati nze, musajja wattu eyali anoonya okumanya, nnali ntudde mu ntebe eyali emabega, nga bwe nneetegereza byonna ebigenda mu maaso. Nnali ssirabanga ku bintu nga bino bukya mbaawo.

326 Waaliwo omusajja eyali atudde wano . . . Kino ssikyogerangako mu lujjudde. Waaliwo omusajja eyali atudde ku ludda olumu, n'omulala ku lulala, omu yayogeranga mu nnimi, omulala n'azivvuunula. Ne boogera ebintu eby'enjawulo ebyali bigenda okubaawo. Nga, *ono* bw'ayogera mu nnimi, nga *oli* omulala bw'avvuunula. Mu nze ne ŋŋamba nti, "Abaffe, kino si kirungi nnyo!" Ne ŋŋamba nti, "Nga kya kitiibwa! Bano bateekwa okuba Bamalayika, be basse wansi mu kifaananyi eky'abantu."

327 Kati, nnali nsigazza doola emu ne sente nsanvu mu ttaano, ez'okunkomyayo eka, nga nso—nso—nsobola kuzigulamu tanka y'amafuta emu yokka. Era ekiro ekyo nnasula mu musiri gwa kasooli. Ekitundu ky'emboozi eyo nnakyogerako mu kitabo, naye si byonna, kubanga nnali ssaagala kubalumya. Kati, akawungeezi ako, ne bagamba nti, "Ababuulizi mwenna mujje ku kituuti." Ne ŋŋenda ku kituuti. Nga nze mubuulizi asingayo obuto mu bonna abaaliwo.

328 Kati, enkeera, ne bampita okugenda mbuulire. Ne nneekweka. Mumanyi, omusajja omuddugavu bwe yagamba nti, "Wuuno wano." Mujjukira bwe nnabibanyumiza, bwe yandoopa nga bwe nnali ntudde awo.

329 Kale bwe nnamala okubuulira ku olwo, ne ntambulatambulamu awo, muli ne ŋŋamba nti "Singa nsobola okufuna abasajja abo ababiri." Be baali bakulembera olukuŋŋaana. Omu yasitukanga endabika y'obwenyi bwe n'ekyuka; n'ayogera mu nnimi. Oli omulala n'azivvuunula, n'ayogera ebigambo nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Wano waliwo omuntu *bw'ati ne bw'ati*, erinnya lye ye *gundi*, alina okukola *bw'ati* ne *bw'ati*.'" Ow'oluganda, gaali mazima. Oli omulala n'asituka n'ayogera mu nnimi, ono n'azivvuunula.

330 Mu nze ne ŋŋamba nti, "Ha, bannange, kino si kiyitirivu!" Kati, ku olwo, ne ndowooza, ne ŋŋenda ne nsaba. Muli ne ŋŋamba nti, "Mukama, ekyo nkusaba Oddemu okinkolere." Nnali simanyi kye nnyinza kukiyita, kwolesebwa.

331 Ne nfuluma wabweru ne mbeera mu kusaba, ne nsaba Mukama annyambe. Ne nneetoloola ekizimbe, ne mbaako omu ku bo gwe nsisinkana. Kati, Mukama alina engeri gye

yampa ey'okumanyaamu ebintu. Ne mmukwata mu ngalo. Ne mmubuuza nti, "Oli otya?"

N'anziramu nti, "Gyendi ggwe oli otya? Erinnya lyo ggwe ani?"

Ne ŋŋamba nti, "Nze Branham."

"O," n'agamba nti, "ye ggwe muvubuka eyabuulidde ku makya."

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo."

332 Tuba tukyanyumya, ne nkwata omwoyo gw'alina. Era yali Mukristaayo yennyini, nga waaluganda, Omukristaayo ddala. Kye ntegeeza, yali mukkiriza. Mu nze ne ŋŋamba nti, "O, kino si kirungi nnyo!"

333 Waayitawo essaawa nga emu okuva awo, wabweru awo okumpi n'emmotoka, eyali etunuudde mu gumotoka ogunene, eyali ewandiikiddwako ebigambo ebigamba nti "Yesu Yekka" emabega waayo, omusajja oli omulala we yali ayimiridde. Kye nnava ŋŋenda gy'ali ne mmubuuza nti, "Oli otya, ssebo?"

334 N'aŋŋamba nti, "Gyendi ggwe oli otya?" N'agamba nti, "Ye ggwe Ow'oluganda Branham, eyabuulidde ku makya ga leero."

335 Kko nze nti, "Yee, ssebo. Ye nze." Ne ŋŋamba nti, "Eky'amazima, nnanyumiddwa nnyo ebirabo bya Katonda ebyo ebikulu ebibakoleramu ggwe n'ow'oluganda oli."

336 N'agamba nti, "Weebale, Mw. Branham." Ne ntandika okuwulira omwoyo gwe. Okwolesebwa ne kujja. Era bwe mba nnali njogeddeko n'omunnanfuusi, yali omu ku bo. Mukyala we yali mukazi wa nviiri nzirugavu. Naye nga alina ow'enviiri eza kyenvu gw'abeera naye, nga amulina n'abaana babiri. Nga taliimu ka Bukristaayo konna yadde.

337 Kye nnava nneebuuza nti, "Kiki kino kye nnyingiddemu? Mbadde ndowooza ndi mu Bamalayika, naye nnandiba nga ndi mu mizimu. Waliwo ekibaddewo kye ssitegeera. Ono wano, Mukristaayo yennyini; ate Omwoyo y'omu abadde akka ku musajja *ono,* y'abadde akka ne musajja *ono*." Ne ŋŋamba nti, "Kati bintabuddde." Ne ntabulwa. Ne nkaaba ne nneegayirira, Mukama. Nga simanyi kituufu kye mba nzikiriza.

338 Baali banaatera oku...Yambuuza n'okumbuuza oba nnafuna Omwoyo Omutukuvu, omusajja ono yambuuza oba nnamufuna, ne mmugamba nti, "Nedda, ssebo, si mu ngeri nga mmwe bwe mumulina."

N'ambuuza nti, "Wali oyogedde mu nnimi?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssebo."

N'agamba nti, "Kitegeeza tomulina."

339 Kko nze nti, "Wandiba omutuufu, muganda wange. Oba oli awo simulina, kubanga ky'olina nze sikirina." Naye bwe

waayitawo akaseera, ate nnasanyuka okuba nti ye ky'alina sikirina.

340 Kale ekyo nnakyekkaanya, ne ndaba n'engeri gye kyali kikolamu.

341 Kati, lumu, nnali eyo mu kusaba, bbanga ddene eriyise. Ka mbabuulire, gwe nnali nsabira, nnali nsabira Roy Davis. Nnali eyo mu kusaba, kubanga yali ampise "akagologoosi," kale nnali eyo nga nsaba Katonda amusonyiwe olw'ekyo kye yampita. Yalina n'ekifo ekirimu ekyuma ekikuba ebiwandiiko, ekyafulumyanga olupapula lw'amawulire. Ekifo ekyo ne kikwata omuliro ne kijja ne kiggwaawo, bwe baali nga bakola, oluvannyuma lw'ennaku ntono nga amaze okumpita atyo.

342 Kale kati nnali nnyimiridde munda eyo mu mpuku enkadde emabega w'ekyuma kya Green Mill. Ne nfuluma wabweru. Nnali mu kusaba, nnali nnaakamalayo, ennaku bbiri. Ne ntuuza Bayibuli yange ku ndoddo y'omuti, ogwali awo, nnalagawo Ow'oluganda Wood, ebbanga si ddene eriyise, ne nteeka awo Bayibuli yange. Ne ngalamira awo ku ndoddo y'omuti. Embuyaga n'ekunta. Kye nnava ŋŋamba nti, "Mmaze ebbanga ddene, munda mu mpuku, kaakano leka mbeeko ebitonotono bye nsoma." Kye nnava nkwata Bayibuli ne ntanula okusoma, era eno y'essuula we yali yeebikudde. Kale, bwe natanula okusoma, ate ne ntandika okwewuunya. Mukiraba?

> *Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, . . . ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo* Omutukuvu,
>
> *. . . ne balega ku kigambo ekirungi kya Katonda, ne . . . ag'emirembe egigenda okujja,*
>
> *Ne bagwa okubivaamu, tekiyinzika* bo *okubazza obuggya . . . olw'okwenenya; nga beekomererera bokka omulundi ogw'okubiri Omwana wa Katonda, ne bamukwasa ensonyi mu lwatu.*

343 Muli ne ŋŋamba nti, "Kino ky'Ekyawandiikibwa kiri." Naye ne nsigala nga nkyayagala okumanya ekisingawo ku nsonya eyo. Ne ntandika okulowooza muli nti, "Wano w'ayogerera, nga atandika n'agamba nti, 'Obutateekawo mulundi gwakubiri musingi mufu ogw'okwenenya, bw'aba atandika. Obutateekawo musingi gwa kwenenya,' ate wano agamba nti, 'Bo okwezza obuggya olw'okwenenya. Naye leka tuyitirire okutuuka ku kutuukirira, bino tubireke emabega.'" Ne ntanula okusoma nate. Ne nsoma olunyiriri oluddako.

> *Kubanga ensi enywa enkuba egitonnyako emirundi emingi, n'ebala enva ez'okulya ezibasaanira abo b'erimirwa, efuna omugabo gw'*emikisa *eri Katonda:*
>
> *Naye bw'ebala amaggwa ne ssere tesiimibwa, era eri kumpi n'okukolimirwa; enkomerereo yaayo kwokebwa.*

344 Era ekyo bwe nnakisoma, ne wabaawo Ekintu ekyankuba entiisa. Kye nnava ŋŋamba nti, "Mukama, ekyo tekirina we kikwatagana na Roy Davis. Ekyo Okoze kyaki?"

345 Ne ntanula, okubikkula olupapula olulala. N'era ne nzirayo Wali, awagamba nti, "Tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa," ne nziramu ne nkisoma.

346 Kye nnava ŋŋnamba nti, "Kiki kino, Mukama? Otegeeza ki, Mukama?"

347 Ne nkyuka okuddayo mu mpuku yange, okukisabira. Bwe nnakyuka, ne ndaba ensi nga yeetooloola. Nga yonna erimiddwa, bulungi, ensi yonna. Ne ndaba omusajja ayambadde ebyeru, nga agenda atambula, nga akutte ensawo mu mukono gwe. Yali agenda asiga ensigo nga bwe yeetooloola. Ne yeetooloola n'amalayo ensi yonna. Bwe yagimalaayo, ne wajja omusajja omulala nga ayambadde engoye enzirugavu, nga alabika bulungi naye nga alina ekigendererwa ekikyamu, nga ajja bwe yeekwekerera *bw'ati,* nga bw'alabiriza. Era yalina ensigo. Era yalina bye yagendanga nga amansa emabega, nga bw'agenda yeetoloola ensi; nga bw'alabiriza oba waliwo amulaba nga bw'akasuka. Ne nnyimirira ne nnekkaanya okwolesebwa.

348 Bwe yamaliriza n'agenda, ensi ne yeetooloola n'ekyuka, ne walabika ekimera ekinene, ekigimu obulungi, era yali ŋŋaano. Era mwalimu n'ebiddoddo, ebikwatandiga n'ebirala bwe bityo mu ŋŋaano.

349 Ne wajja ekyeya. Era, ha, eŋŋaano eyo n'ewotoka n'ekoteka omutwe gwaayo, nga eyontawalira amazzi. N'ekikwatandiga nga nakyo kiwotose kikotese omutwe gwakyo, kiyontawalira amazzi. Nga buli kimu kisaba nkuba. Bwe waayitawo akaseera, ne wajja ekire ekinene ne kifukumula amazzi ku nsi yonna. Ekikwatandiga ne kibuukabuuka, ne kitandika okuleekaana nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya! Mukama atenderezebwe!"

350 N'eŋŋaano ennungi, nayo n'ebuukabuuka, n'etandika okuleekaana nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Mukama atenderezebwe!"

351 Mu kaseera ako Ekyawandiikibwa ne kinzijira, ekiri mu Kitabo kya Matayo, essuula ey'oku 5 olunyiriri olw'a 45. Era muwulirize Yesu kye yayogera, mu Matayo 5:45. Era muwulirize n'obwegendereza kaakano nga bwe tusoma. Matayo, essuula ey'oku 5 n'olunyiriri olw'a 45, olw'a 46; leka tutandikire ku, lwa 44.

> *Naye nange mbagamba nti, Mwagalenga abalabe bammwe, musabirenga ababayigganya,* mukole bulungi abo *ababakyawa, musabirenga ababanyooma, n'ababayigganya;*

Mulyoke mubeere . . . *muyitibwe* . . . *mulyoke mubeerenga abaana ba Kitammwe ali mu ggulu: kubanga enjuba ye agyakiza* . . . *ababi ne* . . . *abalungi, abatonnyeseza enkuba abatuukirivu ne* . . . *abatali batuukirivu.*

352 Kati, mukiraba, enkuba y'emu ekuza eŋŋaano, y'ekuza n'ekikwatandiga. Era, okuva awo, ekifaananyi ne nkifuna. Oyo ye muntu ayatula obwatuzi naye nga akyali wa mubiri, nga ali awo mu kkanisa mwennyini. Naye ebibala bye . . . Asobola okuleekaana, n'abuukabuuka, n'azina amazina, n'ayogera ennimi; naye ebibala by'abala: olaba nga kikwatandiga. Ne wabaawo n'oli omulala, nga naye alina Omwoyo y'omu. Omwoyo Omutukuvu asobola okukka mu kibiina ky'abantu, era munnanfuusi asobola okuleekaana, ku bw'Omwoyo Omutukuvu, nga ekikwatandiga bwe kikula olw'enkuba ebeera esindikiddwa. Ekyo Pawulo ky'ayogerako wano. Naye tekisoboka ekikwatandiga okufuuka eŋŋaano, oba eŋŋaano okufuuka ekikwatandiga. Mukifuna? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, ne . . . *balega ku kirabo eky'Omwoyo Omutukuvu,*

Ne . . . *balega ku kigambo ekirungi ekya Katonda, ne ku* maanyi ag'emirembe egigenda okujja,

. . . bwe *bagwa okubivaamu, tekiyinzika* bo *okwezza* obuggya *nate* . . .

Muwulire ky'agamba.

. . . kubanga *enkuba* . . . *etonnya emirundi mingi* ku nsi, okugifukirira n'okugiteekateeka;

Naye . . . bw'ebala *amaggwa wamu* n'amatovu eba *eri* kumpi kugaanibwa; . . .

Kati, *leka tuleke okwogera ku bigambo* eby'olubereberye eby'enjigiriza *za Kristo, tuyitirire okutuuka* . . . mu *kutuukirira; obutateekawo mulundi gwakubiri musingi olw'okwenenya* ne *ebikolwa ebifu* . . . eri Katonda, n'okukkiriza n'ebirala,

. . . n'enjigiriza z'okubatiza, . . . okuteekako *emikono,* n'ebirala; . . .

353 Mukiraba, omukkiriza ow'omubiri, mu biro biri, era nga bwe kiri ne leero, ayagala nnyo okugamba nti, "Naye, nze nnina ekkanisa gye nsabira. Nneenenya. Nna—nnajja, ne njatula. Nnabatizibwa." Mukiraba, beesigama ku kuddaabululwa okwo okw'omubiri. Naye kukola ki? Kuzaala bikwatandiga.

354 Ate okutuukirira kukola ki? Kuzaala ŋŋaano. Eŋŋaano kye Kigambo kya Katonda. Gy'akozesa okukiikirira Ekigambo Kye. Ye Nsigo Ye. Ebala ebibala.

355 Kisinziira ku kika kya nsigo eyasigibwa mu mutima gwo. Bw'oba ojja mu kkanisa kubanga otya ggeyeena, bw'oba weegatta ku kkanisa mbu kubanga toyagala—toyagala kugenda mu ggeyeena, okyali kikwatandiga. Bw'oba weegatta ku kkanisa kubanga oyagala ofuuke wa ttutumu, okyali kikwatandiga. Bw'oba wakola emikolo gino gyonna egirina okukolebwa, nga kye kyokka ky'olina, okyali kikwatandiga.

356 Naye Omukristaayo, yennyini owa nnamaddala aluubirira okutuuka ku kutuukirira okutuusa ensi lw'efa n'ofuuka kitonde kiggya mu Kristo Yesu. Ekyo bwe kibaawo, tekiyinzika omuntu oyo okugwa. Ekyo Bayibuli ky'egamba! Ekyo mukiraba bwe kikwatagana n'Ebyawandiikibwa ebirala byonna? Mulaba bwe Kikisimba mu kifo kyakyo we kiteekwa okuba?

357 Kiyinza kitya okugamba wano nti, "Omuntu kasita alokoka tayinza kubula" ate ne kidda erudda ne kigamba nti, "Naye, bw'oba wabula, manya bw'ovvoola, tekiyinzika"? Weewaawo, bw'oba oli muvvoozi, toli Mukristaayo.

358 "Tewali, muntu bw'ayogera mu Mwoyo gwa Katonda, agamba nti Yesu akolimiddwa." Omutukuvu Yokaana 4. . . manyanga Yokaana Ekisooka 4. Tewali muntu ayogera mu Mwoyo gwa Kristo, agamba nti Yesu "akolimiddwa." Buli mwoyo, wa Katonda, ali mu Kkanisa ey'Abakristaayo, akkiriziganya na buli kimu Katonda kye yagamba.

359 Bwe tusoma wano, nga wagamba nti, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe. Olw'emiggo Gye twawonyezebwa."

360 Nga endowooza ey'omubiri egamba mbu, "Ennaku z'ebyamagero zaayita. Nze *Dokita Jones*." Mukiraba? "Eby'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda tebiriiyo. Ebyo eby'eddiini eva ku mutima tebiriiyo. Muli kibiina ekiri awo ekicamuse obucamusi. Mukyamuukirira bukyamuukirizi. Mukiraba, kye kyokka. Tewali kirala. Ffe tuli Bapulesibiteriyani. Tuli Baluzalaani," oba kyonna ky'aba ali. "Tumanyi we tuyimiridde."

361 Naye Omwoyo wa Katonda agamba ki? Yesu Kristo, y'omu ali wano! Omwoyo wa Katonda nga addamu nti, "Amiina." Akkiriziganya mangu n'Ekigambo. Yee, ssebo. Abeera awo wennyini. Kati mulaba kye ntegeeza?

362 "Okweddaabulula kuno okw'omubiri kuleeta kufa," Pawulo bw'agambye.

363 Naye Obulamu we buzze, nga kwe kutuukirira kuno wabaawo, "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era talijja mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga ayingidde mu Bulamu. Ndimuwa Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era ndimuzuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma. Bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi, era tewali n'omu ku bo alibula." Tekisoboka.

364 N'olwekyo, kiikino kye kikola—kye kikola. Abantu bagenda ne balowooza nti ekyo kireetera abantu okukola kyonna kye baagala. Ow'oluganda, Katonda tomuweerereza ku bunkenke nga atya omusota okumubojja. Katonda talinga basajja bano ababeera bakutte oluswaanyu lw'embalaasi, nga agenda akukuba okusobola okubaako ne ky'okola. Katonda Taata. Ye Kwagala. Katonda Kwagala. Era Bayibuli egamba, mu njiri ya Yokaana Omutukuvu nti, "Buli muntu yenna ayagala yazaalibwa Katonda."

365 Oyagala Katonda. Ssandibadde, singa ŋŋenda ne—ne nnywa omwenge ne ntamiira akawungeezi kano. Sinywanga ku mwenge, mu bulamu bwange. Naye singa ŋŋenda ne ngunywa, ssanditidde kuswaanyulwa kibooko. Eyo si y'ensonga endobera okugenda—okugenda, si y'ensonga lwaki sigunywa. Ensonga lwaki sigunywa, eri lwakuba nga mmwagala. Naye Anjagala. Ebikolwa by'amateeka si y'ensonga. Kye nnina okukola si y'ensonga. Ensonga eri nti Alina kye yamala edda okunkolera, era mmwagala olw'ekyo. Ky'ekyo.

366 N'olwekyo, Omwoyo oyo bw'abeera munda mu muntu oyo, eyasuubizibwa nti, "Ndimuwa Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era talibula." Yalimba oba Yayogera Mazima? Yayogera Mazima. Kati, amakulu ga Kino mugalaba? Ekitayinzika ye muntu abadde mu kisa ate n'agwa n'akivaamu. Tasobola. Wewaawo, asobola okugwa, naye taddayo ku kwenenya, si kuddayo mu kifo n'addamu n'akola ebikolwa eby'edda.

367 Kati mmwe abazunga mu lukuŋŋaana olumu olw'okudda obuggya nga bwe mudda mu lulala, bwe muva muno bwe mudda muli, temukiraba nti temuli banywevu, temunywezebwanga? Kati, mazima ddala, oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, ssimanyi oba. . ." mazima ddala Katonda tayinza kumpa buweereza bw'Ampadde, ata n'andeka ne mbeera mu nsobi. Kale singa Ekyawandiikibwa kibadde tekikikakasa, yandibadde nsobi, naye kiikino *wano* Ekyawandiikibwa ekikikakasa. Ekkanisa tesubwanga kifo.

368 Abantu bagenda, ne beegatta ku kkanisa, ne badda mu kuneneŋŋana, ne balwanagana, ne bawaanyisiganya ebisonogvu, ne—n'ebiringa ebyo, ne bamala gatambulira mu bulamu obw'omubiri obwa buli ngeri nga bawoza kimu, "O, weewaawo, ndi Mukristaayo."

369 Leero waliwo omukyala eyaŋŋambye nti bba akabawala n'omusajja. Abakutte enfunda eziwera, nga bali bombi. Omukazi n'aŋŋamba nti, "Naye nze ka nkubuulire, 'Ndi Mukristaayo.'" Um-hum.

370 Mulabe Jimmy Osborne, bw'abeera ku Ssande ku makya; nga wiiki yonna agimala akuba nnyimba za kwesuukunda eza boogie-woogie, ne rock-and-roll n'ebintu ebiringa ebyo.

371 Mulabe Elvis Presley, Yuda Isukalyoti ow'omwaka ogwa 1947, ne yeegatta ku nzikiriza ya Assemblies of God, Omupentekoote, ayogera n'ennimi ez'Omwoyo Omutukuvu, naye asindise emmeeme nnyingi mu ggeyeena okusinga amabaala gonna agaali gabaddewo mu myaka amakumi ataano egiyise. Akyamizza endowooza z'abavubuka abato mu nsi yonna, okutuusa nti abawala abato bambulamu obugoye bwabwe obw'omunda ne babumukasukira ku siteegi, abawandiikireko erinnya lye basobole okumujjuukirirako. N'azina amazina ag'ekikaba okutuusa nti baagaana n'okulaga omubiri gwe yenna ku ttivi, okuva mu kiwato okukka wansi, olw'engeri gy'anyogootola omubiri gwe. Olwo ddala okwogera mu nnimi, bwe bukakafu obw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu? O, ow'oluganda, oyo ssinga ddala abadde Mwoyo Mutukuvu nga y'amulimu, bw'atyo si bwe Yandyeyisizza. Ekyo mukimanyi bulungi. Mazima ddala si bwe yandyeyisizza. Katonda ayagala obuyonjo n'obulongoofu n'obutukuvu.

372 Sseeyisa nga omuyonjo era omulongoofu era omutukuvu kusobola kwefuula Mukristaayo. Wabula Kristo, ali mu nze, y'abikola mu nze. Era mmwagala. Era bwe mbaako ekikyamu kyonna kye nkola, kinnumiriza. Era ŋŋambirawo nti, "Ayi Katonda, nsonyiwa." Buli lunaku, nteekwa okusaba okusonyiyibwa, buli lunaku. Era, naawe okusaba. Wewaawo, okusaba.

373 Naye kati bw'oba—bw'oba wa mubiri, ojja kumala gagamba, nti, "Ah, ekyo, tekirina buzibu, kasita nnina ekkanisa yange mwe nsabira." Mukiraba? Era bw'ovvoola, kitegeeza tolina Kukkiriza kuli okwaweebwa abatukuvu omulundi ogumu. Ky'ova omujolonga, n'omuyita, "Omwoyo omubi." N'obayita, "Ekibinja ky'abatukuvu abeevulunga." Era ekyo bw'okikola, weeyawula wakati w'ekisa n'omusango, n'oba nga ebibyo biwedde emirembe n'emirembe.

374 Yesu yagamba nti, "Ekigambo kimu kyokka ekivvoola Omwoyo oyo, tekirisonyiyibwa mu nsi eno oba mu ensi egenda okujja." Naye Omukristaayo, eyazaalibwa Omwoyo, tasobola kuvvoola Mwoyo oyo, kubanga tasobola kukikola. Akkiriziganya naye. Bwe kiri.

375 Y'ensonga lwaki abantu bagezaako okuŋŋamba nti, Empagi y'Omuliro eyo, etera okulabika mu makkati gaffe, bagezaako okugamba, mbu, "Oyo yali ssetaani," mbu, "Ekyo baayiiya kiyiiye," n'ebirala. Naye kkamera yakakasa nti Empagi y'Omuliro eyo si ssetaani era si njiiye buyiiya. N'emirimu gy'ekola gyogerwako ne mu Bayibuli, Empagi y'Omuliro y'emu eyasisinkana Pawulo nga agenda e Damasiko. Ebintu bino byonna bye Yakola mu kiseera kiri, ebikola mu ngeri y'emu yennyini, nga Bayibuli bw'egamba. Ye Kristo, Omwana wa Katonda.

376 Era bwe tuba nga twazaalibwa ogw'okubiri, tulina Obulamu obutaggwaawo, era tetuyinza kuzikirira. Tekiyinzika omuntu bw'atyo okugwa. Bayibuli bw'etyo bw'egamba.

377 Kati, muwulirize, mwekkaanye Pawulo ky'agamba. ŋŋenda kusoma ekitundu ekisigadde, tulabe oba nga ekyo, kati tekikola makulu. Ka tweyongereyo mu maaso, katono. Olunyiriri olw'o 8.

> *Naye bw'ebala amaggwa ne ssere tesiimibwa, era eri kumpi n'okukolimirwa; enkomerero yaabyo kwokebwa.* (Oyo ye muntu atakkiriza.)

378 Kati mwekkaanye Pawulo. "Naye, abaagalwa,. . . " Kati ayogera ku abo abagezaako okuddayo okutambulira mu mateeka, omanyi, nga bagezaako okukola ebikolwa byonna eby'amateeka, naye nga bali ku bulombolombo bwereere. Babatiza ne bateekako emikono, n'ebintu ebirala bino byonna.

> *Naye abaagalwa, twetegerezza ku mmwe ebigambo ebisinga ebyo obulungi,. . .*

Kiikyo. Mumuwulire kati.

> *. . .era ebiri okumpi n'obulokozi, newankubadde— newankubadde* nga *twogedde* bwe tutyo.
>
> *Kubanga Katonda mutuukirivu tayinza kwerabira* mirimu gyammwe n'okufuba *kw'okwagala, kwe* mwalaga eri *erinnya lye, bwe mwaweereza abatukuvu, era mukyaweereza.*

379 Mulaba ky'ayogerako? Tayogera ku Bakristaayo okugwa, nti tekiyinzika kukomawo. Ayogera ku bakkiriza ab'omubiri abayita mu mutendera ogw'okweddaabulula. "Naye," agambye nti, "eri mmwe abaazaalibwa ogw'okubiri, mmwe Abakristaayo, abaagalwa, twetegerezza ku mmwe ebigambo ebisinga ebyo obulungi. Ebyo mmwe temubyogera. Mmwe temutambulira mu bulamu bwa ngeri eyo. Muliko obukuumi bwa Kristo."

Yagambye atya emabega wano? Leka tuddemu, tubikkule mu Abaebbulaniya 10, we twabadde ku makya. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

380 Kati leka nate, tubikkule, mu Abaefeeso 4:30. Kino tukifune, mu kaseera katono ddala, era mwekkaanye mulabe kino kye kigamba, okusobola okukkaatiriza ensonga eno, okukwanaganya Ekyawandiikibwa ekimu n'Ebyawandiikibwa ebirala. Abaefeeso 4, leka tulabe. Abaefeeso 4:30. Leka tusome tulabe kye Kigamba. Muwulirize.

> *. . .temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda,. . .*

Tu—tubatizibwa tutya okuyingira mu Mubiri? Tubatizibwa n'Omwoyo omu.

> *. . . temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda,* oyo *eyabateesaako akabonero* okutuusa *olunaku olw'okununulibwa kwammwe.*

Si bwe kiri? Mwasibibwako akabonero ne musibirwa munda mu Mubiri gwa Kristo, okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, si kuva ku lukuŋŋaana olumu olw'okudda obuggya okutuuka ku lulala, naye okutuusa ku Lunaku Omubiri lwe gulinunulibwa. Ekyo kye muli. N'olwekyo, tewali ngeri gye muyinza kubula.

381 Mutya. Era y'ensonga lwaki okutya, okutya, okutya kutambulira wamu n'okubuusabuusa.

Okwagala kutambulira wamu n'okukkiriza. Njagala Kitange. Simutya, kubanga mmwagala. Tayinza kunkola kabi. Ajja kunkola bulungi. Bwe mmutya, mbeera nja kuba mu kugamba nti, "Bannange, ssimanyi oba Anaakikola, oba nedda." Mukriaba?

382 Naye bwe mba mmwagala ŋŋamba kimu nti, "Weewaawo, Kitange, nkwa—nkwagala. Era mmanyi nti Oli—Oli Kitange, era Onjagala, era sirina kutya kwonna kubanga mmanyi nti Ojja kukuuma Ekigambo Kyo. Kisuubizo Kyo gyendi." Omwoyo wa Katonda bw'atyo bw'akola.

383 "Naye, ha, bwe nkola *kino*, ne nkola na *kiri*." Olaba, awo obeera ozzeeyo ku ludda luli olutambulira ku mateeka, nate. Togendanga ku ludda olutambulira ku mateeka. Lwogera bikyamu byokka.

384 Weetaaga ludda olwogera ebirungi. Mulimu ogwaggwa edda. Kristo yafa, era ekibi kyattibwa bwe Yafa. Era Katonda bw'aba yakwawulira okufuna Obulamu Obutaggwaawo, "Bonna Kitange be yampa, balijja gye Ndi." Kiikyo, tosobola kubula. Oliko obukuumi emirembe n'emirembe. "Kubanga ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu, era olw'okuwaayo ssaddaaka emu Yatuukiriza okutuusa emirembe gyonna." Kiikyo. Tewali ngeri yonna gye tuyinza kuwangulwa. Ddala bwe kiri. Kati, ekyo tekikuleetera kuwulira bulungi?

385 Kati, omanyira ku ki nti oli Mukristaayo? Omwoyo wo bw'aba nga assa kimu n'Omwoyo we, okwagala kwa Katonda bwe kuba mu mutima gwo, bw'oba n'okwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obukkakkamu, obugumiikiriza, obulungi, obuteefu. Olwo lw'o . . . Ebibala by'Omwoyo bwe biba bigoberera obulamu bwo.

386 Si lwakuba osobola okuzinira mu Mwoyo, ha, nga ogoberera enkuba y'ebivuga eno ey'omulembe, gye bakuba ey'okutumbula ennanga, n'okuzinira mu Mwoyo kuno kwonna. Ebintu ebyo tebiriimu kabi konna. Naye beekubiira ku ludda luli olw'amateeka, mukiraba, era mu kukola batyo, Omwoyo wa Katonda baamuleka mabega eri.

387 Y'ensonga lwaki, Katonda bwe yatandika okweyoleka, baagamba nti, "Ebyo butaliimu. Ffe tetulina kye tukyetaaza Ekyo." Katonda tebamumanyi. Tebakirabangako Ekyo. Tebasobola kukitegeera, kubanga obulamu obukirimu bwa ngeri ndala. Tamanyi, ekikwatandiga tekitegeera ŋŋaano ky'ekola. Bulamu bwa njawulo.

388 Era n'Omukristaayo bw'atyo bw'ali bw'omugeraageranya, n'omukkiriza ow'omubiri, ayatula obwatuzi, agenda eyo n'ayatula n'agamba, "Ha, weewaawo, Ndi Mukristaayo." Naye nga alina omunwe omunene ogwa sigala mu kamwa ke, nga ali ng'ente y'omu Texas endaawo gye baasalako amayembe.

389 Omukazi nga yenna ayambadde obuwale obumpi, n'agamba nti, "Ha, nze, nnina ekkanisa mwe nsabira. Weewaawo, ndi mmemba wa kkanisa." Ebibala byo bikyoleka lwatu nti tolina ky'oli wabula oli wa mubiri. Bwe kiri. Mazima ddala, bwe kiri. Ekyo waliwo ekintu kimu ekikireeta: ku bibiri wandiba nga oliko ekikyamu ku bwongo oba nga olina omwoyo ogw'obukaba. Bwe kiri.

390 Bw'oyagala okweyisa nga ensi, Bayibuli egamba nti, "Bw'oyagala ensi oba ebintu by'ensi, kitegeeza n'okwagala kwa Katonda tekukuliimu." Kati ky'ekyo.

391 Kati, oyinza okugamba nti, "Ha, kati Bayibuli eyogedde, ekyo nteekwa okukikola." Nedda, si ky'ekyo. Sigala wano okutuusa Kristo lw'anaabaako ne ky'akukolera, ekinaakuggyamu ekintu ekyo. Ozaalibwe Omwoyo wa Katonda. Ky'okola si kye kikulu, wabula ekyo kye Yakukolera. Okutuusa lw'onaafuna okwagala okukakasa nti ovudde mu kufa n'oyingira mu Bulamu. Kati okuva awo weetegereze obulamu bwo, olabe oba nga—oba nga bukwatagana nakyo. Si lwakuba ogezaako nga ggwe okuleetera obulamu bwo okubeera ekyo, naye kubanga Katonda akuleetedde okugondera Omwoyo We. Nga si ggwe weekulembera mu kkubo lya Katonda. Wabula nga Katonda y'akukulembera mu kkubo Lye. Nga si ggwe weekulembera, wabula nga Katonda y'akukulembera.

392 Kaakati mwekkaanye kino, kati, nga bwe tusemberera essuula gy'ekoma. Olunyiriri olw'e 11.

> *Era twagala nnyo buli muntu kummwe okulaganga obunyiikivu obwo olw'okwetegerereza ddala essuubi eryo okutuusa ku nkomerero:*
>
> *Muleme* kuba *bagayaavu, naye abagoberera abo olw'okukkiriza n'okugumiikriza abaasikira* ekisuubizo.

393 Kati, eky'okwogerako ekirala kimu kyokka wano.

> *Kubanga Katonda bwe yasuubiza Ibulayimu, bwe wataali gw'ayinza kulayira amusinga obukulu, ne* yeerayira *yekka,*

Ng'ayogera nti, Mazima okuwa omukisa nnaakuwanga omukisa, n'okwaza, *nnaakwazanga.*

394 Katonda bwe yasisinkana Ibulayimu! Kati, Ibulayimu yaweebwa endagaano, awatali bisaanyizo byonna. Endagaano yakolebwa na Ibulayimu. Era kyali kisa kyereere, awatali kintu kirala kyonna. Ibulayimu teyali musajja wa njawulo ku balala. Teyali musajja mutukuvu. Yali muntu buntu owa bulijjo. Era Katonda, olw'okulonda, yeeroboza Ibulayimu kubanga Katonda yamulonda; si lwa kuba Ibulayimu yakyagala, si lwa kuba Ibulayimu yakola *kino*, si lwa kuba yali musajja mulungi, si lwa kuba yalina ekintu kyonna ekyamugwanyiza. Naye kwali kweroboza kwa Katonda. Katonda yalonda Ibulayimu.

395 Leero, nga bwe nnagambye, nzikiriza leero lwe nnakyogedde nti, "Ffe twerondera ababuulizi." Tuyitaayita mu bantu, nga bwe tugamba nti, "Kati, omu ku badiikoni yalekulidde. Leka tunoonyeeyo omusajja asinga mu banne mu bali mu kizimbe adde mu kifo kye. Kati, omusumba yalekulidde; leka tunoonye, tufuneyo asinga mu banne." Emirundi egimu ekyo tekiba kituufu.

396 Bwe baalonda omusajja okudda mu kifo kya Yuda, omusajja gwe baalonda si ye yali omutuufu. Baalonda omusajja omuntu mulamu, Matiya, omuwandiisi ow'ekitalo, omuyivu, omukungu. Ne bagamba nti, "Ye ono yennyini asaanye okudda mu kifo ekyo. Bannange, omulaba nga ddala musajja yennyini." Naye Katonda ye si gwe yali alonze. Era omusajja ono baamulonda, naye talina kintu kyonna kye yakolera Katonda.

397 Naye Katonda yalonda akasajja Akayudaaya, ak'obusungu obw'ettumbiizi, ak'ennyindo eyeewetamu nga eddobo akajja nga kaswaakidde bwe keewera, "Ŋŋenda kubalumbayo. Ŋŋenda kubakwata."

398 Katonda n'agamba nti, "Nnina kye mmulabamu. Nja kumukozesa."

399 Bw'atyo Katonda n'amulabikira mu Kitangaala ekyo ekinene ekiri awo. N'abuuza nti, "Ggwe Ani, Mukama wange?"

400 N'agamba nti, "Nze Yesu. Kati, kizibu ggwe okusamba ku miwunda. Lwaki onjigganya?" Mu ngeri eyo, era Katonda omusajja *oyo* yamutwala n'amufuula omu ku basajja ab'amaanyi abaali babadde ku nsi okuva Yesu Kristo lwe yajja. Oyo Katonda gwe yalonda.

401 Leero, tugezaako okulonda nga ffe. Mmwe amakanisa, muweereza omusajja *ono* erudda eno, n'*oli* ne mumuweereza erudda eno. Tekirina kukolebwa bwe kityo. Katonda y'akukulembera. Mu byonna alina kuba Katonda, nga byonna y'abikola, era nga y'ali waggulu wa buli kimu; so si kiwandiiko kya kkanisa yonna. Wabula Katonda ky'akyogerako, kye kireetawo enjawulo.

402 Mulabeeyo. Katonda yakola ekisuubizo eri Ibulayimu, nga tekiriiko kakwakkulizo konna. Naye kati, mulindeeko, Ibulayimu teyalina kintu n'ekimu kya kukola. Katonda yamugamba nti, "Nnamala dda okukikola."

403 Katonda yakola ekisuubizo eri Adamu, n'amugamba nti, "Adamu, *guno* bw'otaligukwatako, oliba mulamu emirembe gyonna. Naye olunaku lwoligulyako, lw'olifa."

404 Adamu n'agamba nti, "Naye kati nneebuuza, oba ddala gulimu ki?" N'agenda mu maaso n'agulyako, nga agezaako okuzuula.

405 Buli mulundi Katonda lw'akola . . . omuntu lw'akola endagaano ye ne Katonda, manyanga Katonda lw'akola endagaano n'omuntu, omuntu amenya ekitundu kye. N'olwekyo Katonda yalina okubaako ne ky'akola, kubanga Yalaba omuntu ky'ali. Ate baali baayawulibwa, nga baalondebwa, kale Katonda yali alina okubaako ne ky'akola. Katonda kye yava akka wansi n'akola endagaano Ye ne Ibulayimu, awatali kakwakkulizo konna. Singa yaliko akakwakkulizo konna, Ibulayimu yandibadde yabula, dda.

406 Mulabe nga atudde e Gerali, mu mbeera ey'okuddirira, olw'okulimba. N'awaayo mukyala we eri omusajja omulala, okutaasa obulamu bwe. Nga yali musajja eyeewuunyisa! N'atuula awo, mu mbeera ey'okuddirira. Katonda yali yamugamba, nti, "Togeza n'ova wano. Beera wano." Naye enjala n'emuggyayo. N'adduka agende awaali embeera ennyangu. Mumanyi ekituuka ku muntu bw'asalawo okukwata ekkubo eryangu.

407 Yadduka n'agenda emmanga eyo, awaali obulamu obusingako obwangu. Era olwali okutuukayo, n'agamba kabaka nga mukyala we bwe yali mwannyina, okusobola okutaasa obulamu bwe. Kati, obwo bwali bulimba. Naye musajja nnabaki, awaayo mukyala we eri omusajja omulala, okutaliza obulamu bwe! Kati yali atudde awo, mu ka weema, nga agudde, alimbye, avudde ne ku . . . asaliddwa ku kisuubizo n'ebirala, naye yali akyali nnabbi wa Katonda.

408 Era kati tulaba Abimeriki, yali musajja mulungi, mutukuvu. Mazima dala, yasabanga buli kiro. N'alaba nnamukadde ono, ow'emyaka ekikumi, eyajja emmanga eno, nga alabika bulungi okukamala nga azze buto. N'agamba nti, "Oyo ye muwala gwe nnalinda obw'edda, kaakano ŋŋenda kumuwasa."

409 Ibulayimu n'amugamba nti, "Osobola okumuwasa. Mwannyinaze."

Naye n'agamba nti, "Oyo mwannyinaze."

410 Bw'atyo n'amutwala munda n'amuwa abakyala ab'okumulongoosa bamuyooyoote ba—bamwambaze engoye ennungi, bamuteeketeeke abeere nga o—nga omumbejja. Bwe

yamala n'asaba essaala ze, n'agalamira ku kitanda kye, ne yeegolola, n'agamba nti, "Enkya, ŋŋenda kuwasa omuwala oyo Omwebbulaniya omulungi, oyo—mmwanyina w'omulenzi oyo. Ha, kijja kuba kiyitirivu. Ayi Mukama, Omanyi nga bwe nkwagala! Yee, ssebo. Kiyitirivu!"

411 Katonda n'amugamba nti, "Ggwe kyenkana oli mufu." Uh-huh!

412 [Ow'oluganda Branham akolola—Omuk.] (Munsonyiweko.) Ibulay-. . . Naye, ddala laba Ibulayimu wuuli eri, alimba, yagwa. Naye omusajja wuuno, mwesimbu era musajja atambulira mu bugolokofu. Kye yava abuuza nti, "Naye, Mukama wange, omanyi nga nnina omutima omutuukirivu. Si ye yaŋŋambye nti 'mwannyina'?"

413 Mukama n'amugamba nti, "Mmanyi nga olina omutima omutuukirivu. Ye nsonga lwaki Nange nkuziyiza okwonoona mu maaso Gange. Nkimanyi. Mmanyi nga olina omutima omutuukirivu. Naye bba w'omukazi oyo nnabbi Wange." Aleruuya! Bannange, ekyo bwe kitaba kisa, olwo ekisa kye kiki? "Yagwa, n'alimba, era atudde bweru eri, naye akyali nnabbi Wange. Kwata ekiweebwayo, ogende gy'ali, omuddize ne mukyala we, bw'otakikola oli mufu. Sigenda kuddamu kuwulira kusaba kwo. Musabe y'aba akusabira." Amiina. Kiikyo. "Oyo nnabbi Wange."

Kati, oyinza okugamba nti, "Kale, singa nze nnali Ibulayimu."

414 "Bwe tuba twafiira mu Kristo, tuli Zzadde lya Ibulayimu, era tuli basika okusinziira ku kisuubizo." Bwe kiri. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Mwandyagadde okukisoma? Kubanga, Bayibuli egamba nti—nti ekisuubizo tekyali eri Ibulayimu na zzadde lye bokka. Nga bw'o. . . Ibulayimu yalina ensigo nnyingi, ddala, yalina abaana bangi. Isimaeri yali mwana we. Yalina abaana abalala musanvu oba munaana be yazaala, mu mukazi omulala, ayitibwa Ketula, nga Saala amaze okufa. Naye, mulabeeyo, ensigo eyo yali oyo eyasuubizibwa, nga ye yali Isaaka, era okuyita mu Isaaka mwavaamu Kristo, okuyita mu Kristo ne muvaamu ffe. Ekisuubizo tekiriiko kakwakkulizo konna.

415 Kaakati, olwo ate Ibulayimu? Kubanga, ebibye byandibadde bikomye, kyandibadde tekiyinizika ye okukomawo nate. Mazima ddala. Kyandibadde tekiyinzika Sawulo okukomawo nate, Ekyawandiikibwa, bw'oba wa kukisoma bw'otyo. Mukiraba? Naye tekyali bwe kityo. Ekisuubizo kya Katonda kibeerera emirembe gyonna.

416 Ka tubeeko ne kye tusoma wano katono. Njagala mukisome. Njagala mubikkule mu Abaggalatiya 3:16, tusome kino, tulabe kaakano ekisuubizo kye kiri, tulabe oba—oba tuli kisuubizo Kye oba nedda, 3:16. Muwulirize. Kale. N'olunyiriri olw'e 15, nalwo ŋŋenda kulusoma.

Ab'oluganda, njogera mu buntu; Endagaano newankubadde nga ya muntu buntu, bw'emala okunywera, tewali agiggyawo, newankubadde okugyongerako.

Kati eri Ibulayimu n'omuzukkulu we (Omuzzukulu, o-m-u-z-z-u-k-u-l-u.), *n'omuzzukulu we ebyasuubizibwa be byagambibwa.*

"Eri Ibulayimu n'Omuzzukulu we." Kaakati mwekkaanye mulabe.

Teyayogera nti, n'eri abazzukulu (abangi), *nga bangi; naye eri. . . omu, N'eri omuzzukulu wo, ye Kristo.*

417 Kati awo kitegeeza, Kristo ye yali Ezzadde lya Ibulayimu. "Era ffe bwe twafiira mu Kristo, ne tubatizibwa okuyingira mu Mubiri Gwe, tuli Zzadde lya Ibulayimu, era tuli basika ba kisuubizo." Kati kijja kitya, oyinza otya okugwa, nga Katonda yakola ekisuubizo gy'oli? Oliyinza otya okuddirira, obiveemu otuuke n'okugenda mu ggeyeena?

418 Kati, oyinza okubuuza nti, "Ky'otegeeza, tetusobola kuddirira?" Tusobolera ddala. Naye bwe kakutanda n'oddirira, ojja kufuna empeera y'okuddirira, teweeraliikirira. Ibulayimu yagifuna, n'abalala bonna baagifuna, naawe ojja kugifuna. Tolowooza nti ekyo kikuwa ebbeetu okwonoona. Nedda bambi. Ojja kusasulira buli kimu ky'okola. Ojja kukungula ky'osiga. Kola ekibi kitono ojja kukungula ebbaafu nnamba. Bwe kiri. Naye, ow'oluganda, ekyo tekitegeeza nti kati olwo obuze. Ekyo kituufu ddala. Ibulayimu yakungula ekyo kyennyini kye yasiga. Weewaawo yakikungula. Naye yasigala akyali mulokole.

419 Endagaano Katonda gye yakola ne Isiraeri: baafiirwa obusika bwabwe, baafiirwa ensi gye baali baasuubizibwa ne bagenda e Misiri, naye endagaano yaabwe baasigala bakyagirina. Katonda yagamba nti, "Nzijukidde ekisuubizo Kyange kye nnakola eri Ibulayimu. Nzijukidde, era Nzise wansi okununula abantu Bange. Gendayo, Musa, ogambe Falaawo, nti ŋŋambye, 'Leka abantu Bange bagende.' Nzijukidde nga Nnakola ekisuubizo eri Ibulayimu n'ezzadde lye."

420 Kye kintu kye kimu gye tuli. N'olwekyo bw'oba wafa, era nga obulamu bwo bukwekeddwa mu Katonda, okuyita mu Kristo, tewali kintu kyonna mu nsi kiyinza kukukomako. Kati, oyinza okugenda n'obaako ekikyamu ky'okola, naye bw'oba nga mazima, ddala, oli mwana wa Katonda, bw'onaakiraba nti okoze ensobi, ojja kugolokola oddemu ogezeeko. Bwe kiri, tojja kusigala wansi.

421 Naye bw'obeera omutiitiizi, nga oli kikwatandiga, nga toliimu kikugamba nti "golokoka" mu ggwe, ojja kuwoza kimu, "Ah, ndaba, era, tekiriimu makulu."

422 Obwakababaka bwa Katonda bufaanaanyizibwa n'omusajja eyakwata akatimba n'agenda ku nnyanja, n'akakasukayo. Bwe yajja, yasanga akwasizza enfudu, ebikere, emisota, eminya, n'ebyennyanja. Eyo y'Enjiri bw'Ebuulirwa.

423 Nga Mukama bw'ayinza okubaako omuweereza gw'agamba, tugeze Ow'oluganda Graham n'amugamba nti, "Genda erudda *eno*. Genda mu katundu *kano* ovubeyokko okumala akaseera, Ow'oluganda Graham." Kati, n'akwata akatimba ke n'agenda n'atandika okuvuba.

"Olaga wa, Ow'oluganda Bill?"

"ŋŋenda ludda wano eno, nsuuleeyo akatimba ku ludda luno *eno*."

424 Nkasikayo nga bwe ŋŋamba nti, "Baabo, ayi Mukama, Ggwe amanyi kye bali." Nziremu nsike akatimba ŋŋambe nti, "Weewaawo, baabo, Mukama."

425 Kati, enfudu eba yali nfudu, okusooka kwa byonna. Naye n'ekwatibwa mu katimba. Bwe kiri. Era n'abantu bwe batyo bwe bakwatibwa mu kukyamuukirira, "O, aleruuya! Aleruuya! Mukama atenderezebwe! Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya!" Bakwatibwa bukwatibwa mu katimba, kye kyokka.

426 Naye bwe babaamu omwoyo guli ogw'enfudu, tekiggya kutwala bbanga ddene, obawulire nga bagamba nti, "Naye, nkubulire, . . . " Yiiyo enfudu, yeewalula eddayo.

427 N'enjaba nayo egambe nti, "Naye nze Ekyo kinnemye okutegeera." Okiraba?

428 Mukyala nnabbubi ajja kutuulako awo okumala akaseera, ekinaavaamu abuuke mpola mpola be "plop, plop, plop" addeyo nga bw'agamba nti, "Nze, ssikirabamu makulu gonna, yadde."

429 Mukyala Musota ajja kugamba nti, "Bannange, kino kibinja kya batukuvu abeevulunga. Kye kyokka kye Kiri. Ka ŋŋende eri gye balinamu ku kategeera okusingako wano." Naye era, okusooka kwa byonna, osangiddwa oli musota. Wakwatibwa bukwatibwa mu katimba ka Njiri, kye kyokka.

430 Naye ekyennyanja kitwalibwa butereevu okutuuka ku meeza ya Nnyinimu. Kyali kyennyanja, okusooka kwa byonna. Ensigo eyakirimu yali ya kyennyanja. Okuva ku ntandikwa, kyali kyennyanja, era Katonda ebyennyanja Bye yabimanya okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi. Aleruuya!

431 Jjukira, byonna bissiza mu mazzi ge gamu ago ag'ettosi. Byonna bissiza mu kagga ke kamu. Bwe kiri. "Ffena tu . . . baanywa ku Lwazi olw'omwoyo lwe lumu. Bonna baalya emaanu mu ddungu." Kalebu ne Yoswa baalya emmaanu y'emu e—n'abalala gye baalyako. Naye bonna baafiira mu ddungu. Wabula waaliwo babiri abaalondebwa okusomoka, era baasomoka. Ky'ekyo.

[432] "Ffena tunywa ku nsulo y'emu." Naye si bonna abanywa nti balokolebwa. Ffenna tuleekaanira wamu. Ffenna tusanyukira wamu. Naye Abalonde bokka be balirokolebwa. Mwali mukyekkaanyizza? Kigamba nti, "Emyoyo gyombi, mu nnaku ez'oluvannyuma, giriba gifaanagana nnyo okutuusa nti ogw'obulimba gwandikyamizza n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka," *ssinga* kyali kisoboka. Mukiraba? Abo be balina Omwoyo wa Katonda yennyini, abaalondebwa okufuna Obulamu Obutaggwaawo.

[433] Kati tugenda kumaliriza. Ow'oluganda Neville anaatandikira wano we nkomye. Kale.

> *Era kino kye njogera, nti endagaano, eyasooka okunywezebwa Katonda mu Kristo, amateeka, agajja nga wayiseewo* omwaka *ebikumi bina, emyaka ebikumi bina mu asatu, tegagiggyaawo, n'okudibya ekyasuubizibwa.*

Ekyo kye kisuubizo Katonda kye yawa Ibulayimu, nga amateeka tegannabaawo.

> *Kuba oba—kuba oba ng'obusika buva mu mateeka, nga tebuva nate mu kusuubiza: naye Katonda yakiwa Ibulayimu olw'okusuubiza.*

Si lwa kintu kyonna ky'okola, si lwa mateeka, si lwa biragiro bya kkanisa yo, si lwa kwegatta ku kkanisa, oba etteeka eddala lyonna. Kikolwa kya kisa kya Katonda kyokka, gy'oli. Kiikyo.

[434] Mwekkaanye.

> *Kale amateeka kiki? Gassibwaawo lwa kwonoona, okutuusa w'alijjira omuzzukulu eyasuubizibwa;. . .*

Ekyo tekyeraga kyokka? "Amateeka gassibwaawo, okubeera nga gakola okutuusa Ezzadde lwe lyatuuka, nga ye Kristo, Oyo eyakolerwa ekisuubizo."

> *. . .era galagirwa bamalayika* era *mu* mikono *gy'omutabaganya.*
>
> *Naye omutabaganya si w'omu, naye Katonda ye omu.*

[435] Kati, ŋŋenda kukoma wano, Ow'oluganda Neville w'anaatandikira, ku Lwokusatu.

[436] Kati kye twogedde mukitegedde? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Nti tekiyinzika n'akatono eri Omukristaayo eyazaalibwa ogw'okubiri. . . ssitegeeza, kati, *agamba mbu* "yazaalibwa ogw'okubiri." Ntegeeza, Omukristaayo yennyini, eyazaalibwa ogw'okubiri, okugwa n'ava mu kisa, tayinza kukikola. Weewaawo kwo okugwa, asobola okugwa, naye tayinza, tasobola kugwa n'ava mu kisa ekyo.

Ibulayimu yagwa n'ava mu kisa. Kituufu, yagwa. Katonda yamugamba nti, "sigala wano." Ye n'avaayo n'agenda, naye teyafiirwa ndagaano ye. Yasigala mulonde wa Katonda. Yali

nnabbi bwe yali atudde awo. Yasigala nnabbi. Era lubeerera ajja kusigala nga wa Katonda.

437 Kaakati mulabeeyo. Bayibuli egamba, nti, "Abaisiraeri bonna balirokoka." Ekyo bameka abakimanyi? Bayibuli egamba nti, "Abaisiraeri bonna balirokoka." Kati, "Abaisiraeri si be Baisiraeri ab'omubiri, wabula Abaisiraeri ab'Omwoyo, kubanga ebirabo n'okuyitibwa tebyejjusibwa." Bayibuli si bw'egamba, mu lunyiriri oluddako awo wennyini? Abaggalatiya. Kale. "Abaisiraeri bonna balirokoka. Buli omu ku bo alirokolebwa." Tufuuka tutya Abaisiraeri? "Bwe tufiira mu Kristo, ne tufuuka Ezzadde lya Ibulayimu, ne tufuuka abasika okusinziira ku kisuubizo."

438 Pawulo yagamba nti, "Omuyudaaya ow'oku ngulu si ye Muyudaaya, wabula oyo ow'omunda, ye Muyudaaya, Abo abaasuubizibwa." Era tuli Zzadde lya Ibulayimu, olw'ekisuubizo, okuyita mu Kristo, nga tumukkiriza nga Omulokozi waffe.

439 O, ka nsuubire mukiraba. Ka nsuubire nti mukitegeera, bwe muba musobola okugira nga mukyakikwatiddeko awo. Kati bwe tuneeyongerayo wano kino ne tukimaliriza, tujja kutandika ku Merekizeddeeki, ekinaatukomyaawo ku kino nate era. Tuddemu tutandike ku. . . O, Kiri, kyonna awamu kiyitirivu obulungi. Naye tugenda tweyongera okuyingira mu ebyo ebikulu ddala eby'ebuziba.

440 Kati, mulabeeyo, Kino *eno* ssinga okikwata, kirabikanga, bw'okisoma nga tokyetegerezza bulungi, oyinza okumaliriza nga ogamba nga omuntu akkiririza mu Busatu omukuukutivu, akkiriza nti waliyo Bakatonda basatu, eyaŋŋamba lumu, nti, "Matayo 3 wooleka bulungi nnyo nti bali basatu, bali Abaperesoona basatu be bakola obulamba bwa Katonda."

441 Ne mmugamba nti, "Njagala nkirabe."

442 N'aŋŋamba nti, "Wekkaanye." Yali ayimiridde wano wennyini ku kituuti kino, n'agamba nti, "Labayo, Matayo 3," n'agamba nti, "'Yesu olwali okuva mu mazzi ati, laba, eggulu ne limubikkukira, n'Alaba Omwoyo wa Katonda nga alinga ejjiba. Era Eddoboozi okuva mu Ggulu ne lyogera ne ligamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa, gwe nsanyukira ennyo."' Nti beebo abasatu: Omwana ku lubalama; Omwoyo Omutukuvu wakati; ne Kitaffe waggulu."

Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda, Ekyawandiikibwa bwe *kityo* si bwe kigamba."

"Ha, ddala bwe Kigamba!"

Ne mmugamba nti, "Ddamu okisome nate, olabe oba nga bwe Kigamba."

443 Kati, kino ye ky'alaba. *Wano* waliwo Katonda, Omwana; *wali* waliwo Katonda, Kitaffe; *wano* waliwo Katonda, Omwoyo

Omutukuvu, nga ejjiba. Kaakati mulabeeyo. Bayibuli egamba nti, Yesu bwe yabatizibwa, "Amangu ago Omwana n'ava mu mazzi, laba, eggulu ne limubikkukira. Eddoboozi ne lyogera nti . . . " Yalaba Omwoyo wa Katonda, Omwoyo gwa Katonda, nga ejjiba. Si Muperesoona mulala waggulu *eyo,* wabula Omwoyo wa Katonda ye yali Ejjiba eryali waggulu We, Eddoboozi ne lijja, nga ligamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa, gwe Nsanyukira okubeeramu." Kati musome Matayo 3 mulabe oba si bwe kigamba. Mukiraba? Si Bantu basatu, nedda nedda.

444 Era na kino bwe kiri . . . Kino tekigamba nti omuntu tekiyinzika kukomawo, ssinga, aba addiridde. Si kye kigamba. Si kye kigamba. Kigamba nti, "Tekiyinzika omuntu oyo okukomawo okwezza obuggya, bw'aba yali abaddeyo." Tayinza kukomawo.

445 Bayibuli egamba nti, "Oyo eyazaalibwa Katonda, tayonoona, kuba tasobola kwonoona. Kubanga Ensigo ya Katonda ebeerera mu ye, era tasobola kwonoona." Mpitibwa ntya omwonoonyi, nga waliwo ssaddaaka egalamidde awo okutwala ekifo kyange? Nnyinza ntya okufa, nga okufa kwange kwansasulirwa? Nnyinza ntya okufa, nga ate nnina Obulamu Obutaggwaawo? Nga nfa ntya? Tosobola.

446 Nnyinza ntya okuba nga nnina olukusa oluli mu buwandiike okuva eri mmeeya w'ekibuga kino, okuvugira ku misinde gya mayiro nkaaga buli ssaawa mu kibuga kino, ate omusirikale n'ankwata olw'okuvugira ku misinde gya mayiro nkaaga buli ssaawa? Nga onkwata otya? Nnina olukusa okuva eri mmeeya olunzikiriza okukikola. Omusirikale oyo tasobola kunkwata. Bw'a—bw'ayagala okunkwata, asobola okufuuwa ffirimbi n'ebirala byonna, naye sijja kumufaako. Tebinkwatako; nnina olukusa olunzikiriza okukikola.

447 Kaakati, olwo, nnyinza ntya, nga Kristo yamala dda okunfiirira ne nfuuka obutuukirivu Bwe olw'ekisa Kye n'okwagala gyendi? Nnyinza ntya okwonoona, nga waliwo ekintu wakati wange ne Katonda, ssaddaaka? Ssisobola kwonoona. Sisobola. Katonda tandaba; Alaba Kristo. Y'ayimirira mu kifo kyange. Era bwe mbaako ekikyamu kyonna kye nkola, Kristo atwala ekifo kyange. Nze mba nneenenyezza ne ŋnamba, "Ndi mukyamu. Ye mutuufu. Mukama, omanyi omutima gwange. Omanyi oba nkitegeeza oba ssikitegeeza. Era ndi mukyamu. Nsonyiwa." Katonda takiraba. Omusaayi gwa Yesu gubeera gumbisseeko, ekiseera kyonna. Kati Katonda ayinza atya okundaba? Ekibi kiyinza kitya oku—okumbalibwaako, nga ate Tasobola kukiraba? Mba nnakakikola nti, nga kinsonyiyibwa. [Ow'oluganda Branham akuba entoli n'engalo ze—Omuk.] Bwe kiri.

448 Kiringa bw'oyinza okukwata—akatonnyezza amatondo

bw'oti, nga akatonyezza eddagala mu maaso, n'okajjuza bwiino omuddugavu n'okakwatira waggulu w'ebbaafu erimu eddagala eryoza amabala, n'otonnyezaamu ettondo, n'ogezaako okulinoonya olirabe. Lifuuka ddagala eryoza amabala. Bwiino afuuka eddagala eryoza amabala. N'ebibi byo bw'obyatula, ky'ekyo ekibituukako, bw'oba oli mu Kristo. Wakati wo ne Katonda waliwo ebbaafu ejjuddemu eddagala eryoza amabala, era ebibi byo bifuuka obutuukirivu kubanga Ssaddaaka etuukiridde eri awo ekulindiridde.

> Bwe ndituuka ku mugga ku nkomerero y'olunaku,
> Nga embuyaga ezisembayo ez'ennaku zimaze okukunta;
> Waliwo ekirowoozo kimu ekinzizaamu amaanyi ne kisanyusa omutima gwange,
> Ssirisomoka Yoludaani nzekka.

449 Ekyo kye kintu ekimu ekirungi. Ekyo kye kintu ekimu ekirungi. Ssirigusomoka. Lumu ku nnaku zino, tulituuka ku nkomerero y'olugendo. Enjuba erirekayo okwaka, olwo Katonda ayite.

450 Adamu aligolola omukono n'anyeenya Kaawa, n'amugamba nti, "Mukwano, kiikino kituuse. Kiseera kya kuzuukuka."

451 Kaawa aligolola omukono n'akwata ku Abeeri n'amugamba nti, "Golokoka, mukwano. Kiseera kya kuzuukuka." Abeeri alikwata ku Seezi. Ne Seezi akwate ku Nuuwa. Nuuwa akwate ku. . . O, bajje nga buli omu bw'akwata ku munne azuukuke, okutuuka ku Ibulayimu, nga bwe bagoberegana. Walibaawo ekikankano eky'amaanyi n'okugugumuka Omwana wa Katonda bw'alijja. Tuliyimirira nga tumufaanana ku olwo.

452 Kati, bw'oyonoona wano, ogenda kukisasulira. Nnina. . .

453 Waliwo ekinzijira mu birowoozo byange, nnina okukyogera. Ngezezzaako okukyebalama, emirundi nga ena oba etaano. Nnina okukyogera. Bameka abajjukira ow'oluganda ono, omusumba, eyateranga okubeera wali ku church of God? Ow'oluganda, engulu eri, baali bamuyita ani? Yakoleranga mu garagi ya Vorgang emmanga eri. Muleke, nammwe. . . Ekkanisa eyayitibwanga First Church of God, wali mu kkoona. Manyanga, eyatera okutundanga akadagala ke weesiimuula aka Rawleigh mu kiseera lwe waaliwo okugwa kw'eby'enfuna. Omusajja atya Katonda, omutukuvu. Ow'oluganda Smith ye yadda mu kifo kye. Mu ddakiika ntono erinnya lye ŋŋenda kulijjukira. Yali musajja Katonda gwe yali yalokola.

454 Mujjukire nti, bw'otatwala kugololwa, nga olina ekikyamu ky'okoze nga Omukristayo, Katonda ajja kukulabula. Okulabulwa okwo bw'onaagaana okukutwala, Ajja kukuggyawo bujja ku nsi. Ekyo kye Yakola.

455 Mujjukira, mu Bayibuli? Mulabe ekkanisa eri ey'Abakkolinso. Yabagamba kye baali, ekifo kyabwe, mu Kristo. Naye n'abalabula ne ku ebyo ebyali bigenda okubaawo. Ne beenenya, ne beetereeza, ne Katonda.

456 Kati ow'oluganda ono bambi, yali waaluganda omulungi ennyo, nzikiriza, yali musajja Katonda gwe yalokola. Yafuna n'omulimu emmanga wano ku. . .garagi ya Vorgang. Bwe wabaawo abamu ku bantu be abatudde wano, ka nsuubire nti temuulowooze nti. . . Sibamanyi bwe muba weemuli wano. Naye, Ramsey, Ow'oluganda Ramsey, bameka abajjukira Ow'oluganda Ramsey engulu wali ku kkanisa eyitibwa church of God? Weewaawo, mumujjukira, yali musajja mulungi ddala. Era yateranga okujja ewange ne tunyumyamu, era twatuulanga ne tukaaba ffenna ne tukwatagana mu ngalo; yali Mukristaayo yennyini ddala.

457 Lumu nnagenda emmanga eyo, nnali nnaakava emitala w'amayanja mu lukuŋŋaana, nga ntutte emmotoka yange okugikebera, Ow'oluganda Ramsey n'ambuuza nti, "Nkukolere ki, Billy?"

458 Ne mmugamba nti, "Nkeberera emmotoka eno, Ow'oluganda Ramsey. Okyuse ne woyiro."

459 N'anziramu nti, "Oh, kale, kale." N'ambuuza nti, "Olukuŋŋaana lubadde lulungi?"

460 Ne mmuddamu nti, "O, Ow'oluganda Ramsey, lubadde lulungi nnyo." Ne mmugamba nti, "Kale ssinga olumu tusobola okugenda ffenna. Lwaki tetugenda ffenna?"

N'aŋŋamba nti, "Ssikyaweereza Mukama, Billy."

Kye nnava nkyuka, ne mmubuuza nti, "Ogambye ki?"

461 N'akiddamu era nti, "Ssikyamuweereza," n'atambula n'agenda.

462 Muli ne ŋŋamba nti, "Yandiba nga, alina ekimutawaanya." Ne mbaako, we nnalaga.

463 Ne nkomawo ne nnyingira emmotoka yange. Bwe nnakomawo eka, ne ntandika okulowooza ku bigambo ebyo nti, "Ssikyaweereza Mukama."

464 Mukama n'akiteeka ku mutima gwange nzireyo nziremu mmubuuze. Kye nnava, ŋŋamba nti, "Meda, ggwe sigaza obuvunaanyizibwa."

465 Ne nnyingira munda, ne nnyingira emmotoka yange ne nzirayo emmanga eri, emmotoka ne ngisimba awo nate era, ne nnyingira mu Vorgang. Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Ramsey, nnina kye njagala okukubuuza."

N'agamba nti, "Tewali buzibu, Billy, kiki ky'oyagala okumbuuza?"

Ne ŋŋamba nti, "Wagambye, emabegako awo nti, tokyaweereza Mukama. Wabadde osaaga, si bwe kiri?"

N'agamba nti, "Nedda."

Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Ramsey, to—toŋŋamba nti okitegeeza."

N'agamba nti, "Nkitegeeza."

Ne mmubuuza nti, "Tomwagala?"

N'aŋŋamba nti, "Ssinga mbadde mmwagala, nnandimuweerezza, ssi bwe kiri, Billy?" n'atambula n'ansegulira.

Ne ntabulwa. "Buzibu ki, Ow'oluganda Ramsey!"

N'agamba nti, "Ssikyayagala kubyogerako."

466 Ne nzirayo eka, ne nnyingira mu kisenge, ne nzigalawo oluggi. Kati, ha, mumanyi bulungi bw'owulira nga ozitoowereddwa, nga olinga aggyeeko omwana omuto bisikwiti we oba ekintu bwe kityo, mukimanyi. Muli ne—ne nneebuuza nti, "Ekiki? Tekisoboka. Wateekwa okuba nga waliwo ekyatuuka ku W'oluganda Ramsey."

467 Era waliyo omuvubuka omuto omuddugavu, ayitibwa Jimmy, asabira wano mu kkanisa. Okugulu kwe okumu, nga bwe mumanyi; atambula, awenyera. Nneerabidde erinnya lye, akola mmanga eyo mu garagi ya Vorgang, avuga mmotoka ekulula endala nga zifunye obuzibu. Yansisinkana, n'aŋŋamba nti, "Omanyi, Levulandi Branham," n'agamba nti, "Dokita Ramsey ono sitegeera kiki kyamutuukako." N'agamba nti, "Jjuuzi, nnayogerako naye, ne mmugamba nti, 'Ffenna twali tutya n'okukyogerako.' Ne mmugamba nti, 'Wali musajja atya Katonda.' Naye," n'agamba nti, "Yakwata ebbaluwa ye emukkiriza okubuulira n'agenda awali akasero ka kasasiro n'agiyuzaayuza, n'agisuula mu kasero, n'agamba nti, 'Ssikyalina kye ngyetaaza.'"

Agamba n'amugamba nti, "Owaaye ggwe, ssebo!" N'agamba nti, "Tolina kukola kintu nga ekyo."

N'amuddamu nti, "O, Jim, eby'okuweereza Mukama nnabinnyuka."

Kye yava amugamba, n'agamba nti, "Ekyo tokitegeeza."

468 N'agamba nti, "Kye yava aŋŋamba nti, yali azze kuwagala valuvo ze, ku Lunaku lw'Abakozi," ndowooza bwe kyali. "N'amugamba nti, 'Kaakati, njagala ojje onnyambeko, Jim.'"

469 Ye n'amugamba nti, "Nja kukuyamba nga nkomyewo okuva ku kkanisa, naye nsooka kugenda ku kkanisa."

470 Agamba nti bwe yava ku kkanisa n'addayo, "Era Mw. Ramsey yali akyawagala valuvo z'emmotoka ye. N'amugamba nti, 'Jimmy, ŋŋenderaako emmanga ku mugga. Wano amabaala

gonna maggaale. ŋŋenderaako emmanga ku mugga onfunireyo kuleeti ya bbiya.'"

471 Kye yava amugamba nti, "Mw. Ramsey, nkoze ebintu bingi ebikyamu, naye siyinza kukola nsobi kuleetera muweereza wa Mukama kuleeti ya bbiya." N'amugamba nti, "Nedda, ssebo. Ekyo ssirikikola."

472 N'agamba nti, "Leka naawe, genda. Ogindeetere, Jim."

473 N'amugamba nti, "Mw. Ramsey, valuvo zo ŋŋenda kuziwagala. Naye bw'oba oyagala bbiya, oyo ojja kumwereetera." N'agamba nti, "Ssiyinza kuleetera muweereza wa Mukama kintu bwe kityo."

474 Ramsey kwe kuvaayo ne yeesogga emmotoka ya Jimmy, n'agenda emmanga ku mugga; n'akomawo, nga atamidde, nga alina kuleeti y'omwenge, nga anywa.

475 N'atandika okugenda nga anafuwa, n'alwala. Mukiraba? Nga Katonda takyayinza kwogera naye. Ne mmulabula, ne nkola buli kimu kye nnali nsobola. Ow'oluganda Smith n'agenda gy'ali n'amulabula. Buli omu n'agezaako okumukolera buli kimu ky'asobola. Naye, era n'agaana. Kiki ekyabaawo? Yalwalira ddala era n'afa. Ekyo kyali kiraga nti yali musajja mulokole. Katonda bw'ataamuleetera . . . bw'atamuleetera kugonda, Aba alina okumuggya mu nsi amutwale Eka. Ekyo kyennyini Bayibuli ky'egamba. Ekyo Bayibuli ky'esuubiza. Bw'ogaana okukkiriza okugololwa, oteekwa okuddayo Eka.

476 N'olwekyo Katonda bw'Akulokola tayinza ate kukufiirwa, naye Asobola okusala ku nnaku zo wano, n'akuleetera okusasulira buli kibi ky'obeera okoze. N'olwekyo, bw'oyonoona, ojja kusasulira buli ky'okoze. Ekyo mukijjukire.

477 Kati, kati Mukama abeere nammwe. Akawungeezi kano, nzikiriza, Ow'oluganda Ramsey yalokolebwa. Mazima ddala, nkikkiriza. Naye yagaana okugondera Katonda, era bwe yagaana okugondera Katonda, Katonda yalina okumutwala Eka. Ekyo ky'eky'okukola kyokka, kubanga, kiki ekyali kigenda okuddirira? "Yali ajja kuleeta ekivume n'ekiswalo eri Omusaayi ogwamutukuza." Si bwe kiri? "N'alowooza endagaano okuba ekintu ekitali kitukuvu," ekyo bwe kiba nga ebbaluwa eno ey'Abaebbulaniya si ky'egamba. Mukiraba? Tayinza kubula, naye aba ajja kuleeta ekiswalo n'ekivume, n'olwekyo Katonda aba alina okumuggya ku nsi amutwale Eka. Ky'ekyo kyennyini ekyabaawo.

Kati Mukama abawe omukisa, nga bwe tukoteka emitwe gyaffe okumala akaseera tusabe.

478 Kaakano, Kitaffe omutukuvu ennyo ow'ekisa, mazima ddala tukwebaza olw'ekisuubizo kye tulina, nti tolituleka era tolitwabulira. Wasuubiza nti Olibeera naffe mu bulamu, era nti mu kufa Olibeera kumpi naffe. Watusuubiza nti

tulina Obulamu Obutaggwaawo. Wabutuwa buwa. Tebusobola kutuvaako. "Abo bonna abajja Gyendi, balina Obulamu Obutaggwaawo." Era nga bwe buli nti Bulamu Obutaggwaawo, Tebulina nkomerero, era Watusuubiza okutuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero. Ekyo tukikwebaliza nnyo nnyini. Tukwebaza nti Ekigambo kyo kye kituyigiriza kino. Kituwa essuubi ekkakafu. Kituleetera okukitegeera nti Kitaffe ye Kwagala. Atwagala, era Yatulonda. Wagamba nti, "Si mmwe mwannonda Nze, naye Nze nnabalonda era ne mbaawula." Era nkwebaza, Kitaffe, okuba nti Wakikola. Era waliwo bangi abatudde wano, akawungeezi kano, abaayawulirwa okufuna Obulamu Obutaggwaawo, era nga baasembeza Yesu Kristo okubeera Omulokozi waabwe. Era ebibala by'Omwoyo bigoberera obulamu bwabwe: obukkakkamu, obuteefu, obuwombeefu, okwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi. Abo tubakwebaliza.

479 Era tusaba, ayi Kitaffe, nti bwe wabaawo abalala munda wano, akawungeezi kano, abatalina bibala ebyo nga bigoberera obulamu bwabwe, naye nga balina ekintu ekimu ekisasamaza kwe beesigamye, mbu kubanga, lumu baakyamuukirira, kubanga baacamuka, baawulira bulungi, ob'olyawo baaleekaana, ob'olyawo baakola ebintu bingi. Naye, Kitaffe, bwe baba tebalina bibala bya Mwoyo, ebibakuumira bulijjo mu kwagala okw'olubeerera, nga basonyiwa abalabe baabwe, nga batereeza ensobi zaabwe, nga babeera mu mirembe ne mu kwagalana, nga balungi era nga balina ekisa buli omu eri munne, nga balina n'obunyiikivu ku lw'Ekkanisa, n'okwagala eri Kristo n'eri abaana Be, Ayi Katonda Ataggwaawo, basonyiwe. Newankubadde bayinza okuba nga bammemba ba kkanisa, nga bammemba mu mubiri guno ogw'oku nsi, leka bagende kaakano bateeke wansi ebikolwa ebyo eby'omubiri, ebifu, bayitirire okutuuka ku kutuukirira. Kituwe, Mukama. Leka bajje eri Oyo atuukiridde bamusembeze nga omutango ku lw'ebibi byaabwe, Asobole okuyimirira nga ssaddaaka etuukiridde ku lw'omusajja n'omukazi omusango be gusinze. Era abagabirire n'ekisa Kye eky'okwagala n'emirembe, okutuusa lwe balituuka mu Kubeerawo kwa Katonda okubeera abalamu emirembe gyonna. Kituwe, Kitaffe.

Nga tukyakotese emitwe gyaffe:

480 Bwe wabaawo omuntu yenna ayagala okuwaanyisa obulamu obw'ebiragiro eby'omubiri, obwesiba ku kubatizibwa, obw'okukyamuukirira okw'omubiri, obw'obuntu obw'omubiri bwe butyo, afunemu omutima gwennyini ogujjudde okwagala okwa nnamaddala, w'o—w'osobola okugenda eri omulabe wo asingayo okukukyawa, n'omuwambaatira n'omugamba nti, "Ow'oluganda, ŋŋenda kukusabira. Nkwagala." Bw'oba wandyagadde okuwaanyisa obumanyirivu obwo obw'omubiri ofunemu obumanyirivu bwennyini obw'okwagala, yimusa

omukono gwo eri Katonda, ogambe nti, "Ayi Katonda, ntwala akawungeezi kano, onfuule kye nteekwa okuba"? Nange ŋŋenda kukusabira, nga nsinziira wano wennyini ku kituuti. Mwandyagadde okubasabira? Muyimuse emikono gyammwe.

481 Katonda akuwe omukisa ssebo, emabega wali. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Waliyo omulala yenna? Katonda akuwe omukisa, ssebo. "Mmaze emyaka n'emyaka mu kkanisa." Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa wano, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa nnyabo, emabega wali. "Nsaba Katonda ampe emirembe." Oya. . . Olina obusungu obw'ettumbiizi? Otabanguka n'ova mu mbeera? Obuusabuusa? Oyuuzibwayuuzibwa eno n'eri? Weebuuza oba kituufu oba si kituufu? Nga bw'ojja eri Kristo, ojja n'obukakafu obujjuvu, n'omutima ogujjudde okwagala? Ojja gy'Ali nga tolina kutya kwonna, nga ogamba nti, "Nkimanyi nti Ye Kitange"?

482 Kati toliiko musango, obeera wava mu kufa n'odda mu Bulamu. Okimanyi. Era bwe weetegereza obulamu bwo: ojjudde okwagala, osonyiwa, oli mukkakkamu, oli wa mirembe. Ebibala bino byonna eby'Omwoyo bigoberera obulamu bwo, buli lunaku. Era bw'obaako ekikyamu kyonna ky'okola, o, bannange, oluba okukimanya oti nti ky'okoze kikyamu, okitereerezaawo mangu ago, awo wennyini. Tolinda ddakiika ndala yonna, genderawo okitereeze. Bw'otakikola, eky'amazima, tolina Mwoyo wa Kristo. Oyinza okuba oli mukazi mulungi, oyinza okuba oli musajja mulungi, bayinza okuba bakumanyi nga omuntu omulungi mu kkanisa, bayinza okuba bakumanyi nga omuntu omulungi ku muliraano gy'obeera, naye wali otuuse ku kutuukirira okwo, n'okutuuka mu kifo nga obwesige bwo bwonna buli mu Kristo? Era okuyita mu kino, n'oweebwa akabonero. "Ibulayimu yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okubeera omutuukirivu. Era Katonda n'amuwa akabonero ak'okukomolebwa, nga obukakafu."

483 Kati oyinza okugamba nti, "Nze nzikiriza Katonda. Nnayatula." Naye Katonda yakuwa akabonero k'Omwoyo Omutukuvu, n'ajja mu bulamu bwo, ow'okwagala, essanyu, n'ebibala eby'Omwoyo, okukakasa nti walokoka? Ekyo bw'Aba tannakikola, kitegeeza okukkiriza kwo tannakukkiriza. Wayatula bwatuzi. Ye tannaba kukkiriza kwatula kwo, wakyaliwo ekikyamu. Wandyagadde okumufuna, mu kaseera kano? Yimusa omukono gwo, bwe waba wakyaliyo omulala yenna, nga tetunnasaba.

484 Katonda akuwe omukisa, muwala. Naawe, Katonda akuwe omukisa emabega awo. Katonda akuwe omukisa. Kale. Waliyo omulala yenna, nga tetunnasaba? Kale. Katonda akuwe omukisa, emabega wali, mwannyinaze. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Ekyo

kirungi. Waliwo emikono nga kkumi, oba kkumi n'etaano egiyimusiddwa.

Kaakano ka tusabe.

485 Mukama ow'omukisa, awo wennyini we batudde, we bakoze wolutaali. Awo wennyini we batudde, we bayimiridde kati, w'Oyogeredde eri emitima gyabwe, nti "bakyamu." Awo wennyini we batudde w'Obateereddemu okuyaayaana mu mitima gyabwe ne baba nga, "bayaayaana okufaanana Yesu."

486 Obulamu bwabwe baagala bukyusibwe. Baagala babeere bateefu era bawombeefu. Baagala babeere bakkakkamu era abajjudde obugumiikiriza. Baagala babeere n'okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, nga bagumikirizagana. Baagala bafaananire ddala Abakristaayo, bafaananire ddala Kristo, okutuusa lwe banaatambula ku nguudo, ensi w'enaagamba nti, "Omusajja oyo Mukristaayo yennyini. Omukazi oyo Mukristaayo yennyini. O, be bantu abasingayo okuba abakkakkamu, abateefu, era abalungi okubeera nabo!"

487 Kikole, ayi Mukama, obawe okufuna obumanyirivu obwo, akawungeezi kano. Era leka baleme kwesigama ku busobozi bwa kkanisa yaabwe, oba ku nkolagana yaabwe n'ekkanisa yonna, oba ekibiina ky'eddiini kyonna; wadde okwesigama ku ebyo ebyabatuukako, oba ku kintu kyonna ekisasamaza, nga enneewulira, oba ekintu kyonna ekyali kibabaddeko; oba oli awo baaleekaana, ne boogera mu nnimi, oba ekintu ekirala kyonna.

488 Ayi Katonda Ataggwaawo, leka baleme kugezaako kwesigama ku ebyo okubayingiza Eggulu, kubanga tubirabye emirundi mingi nga biremererwa bubi nnyo. Era Wagamba nti bijja kulemererwa, "Ka zibeere ennimi, zirikoma! Ka bubeere obunnabbi, buliggwaawo. Ka kubeere okumanya, kuliggwaawo. O, ka bibeere ebintu ebirala bino byonna, ka bibeere ebirabo, ka bibeere ebyamagero eby'okuwonya, byonna biriggwaawo. Okwagala okwo okw'Obwakatonda kwokka kwe kulisigalawo."

489 Ayi Katonda, okwagala kwo leka okutonde mu mitima gyabwe, era leka bategeere nti okwagala okwo ye Mwoyo abala ebibala. Kikole mu kaseera kano kennyini, ayi Mukama, nga bwe tukulindiridde, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

490 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . amanda g'omuliro nga gayita mu bbanga, n'okulaba bukaamukuukulu nga bwetawula budda eno n'eri mu kizimbe, n'okulaba Kristo nga ajja nga alina amaggwa mu ngalo Ze, ne mu . . . O, mukimanyi nti eyo nkola ya mulabe wa Kristo? Yagamba nti, "Ebintu bino bwe biritandika okutuukirira, mutunule waggulu, obununuzi bwammwe buliba busembedde." Y'ensonga lwaki nfuba okulaba nti buli kadakiika ke nfuna nkawaayo eri ekkanisa, nsobole okubanyweeza. Ow'oluganda Neville ayinza obutabeera naffe ekiseera kyonna. Ow'oluganda Neville mmukiriza okuba, omuyigiriza w'Enjiri omunywevu obulungi.

Tetumanyi kiki kiyinza kukomekkereza nga kye kiri mu kituuti kino, naye, bwe kiriba kizze mulijjukira nti, "Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange." Munywereranga ku Kigambo ekyo. Temugezanga okuva ku Kigambo ekyo. Mukinywerereko. Munywerere mu ddembe Kristo mwe yabafuulira ab'eddembe. Temwesiba mu bikoligo ebyo eby'obusibe n'ebirala. Muyimirire munywere, era muyimirire nga muli ba ddembe. Katonda ajja kubawa omukisa. Tewali kintu kyonna mu nsi kisaanye kututiisa.

491 Bulijjo weewuunya. Nneetegerezanga abantu abajja okusabirwa, beeyunga ku lunyiriri. N'omulundi oguddako bwe balaba olukuŋŋaana olw'okusabira abalwadde, nga era beegatta ku lunyiriri *luno*, nga beegatta ne ku lunyiriri *luno*. Sibanenya. Bagezaako kufuna buweerero, naye bakikola mu ngeri nkyamu. Awo mubeera mukola kifuulannenge, Katonda kye yagaana okukola. Mukiraba? Bw'ojja n'obuvumu eri Entebe ey'ekisa, n'okkiriza, nti, "Ky'osabye, ojja kukifuna," kinywerereko. Bwe kityo bwe kikolebwa; si kuzunga kuva ku buweereza buno kugenda ku buli, kuva mu kkanisa eno kudda mu eri, kuva mu lukuŋŋaana lumu kudda mu lulala.

492 Leero, enkuŋŋaana zino ez'okusabira abalwadde bazimazeemu ensa. Weewaawo, bazimazeemu ensa. Zituuse ku ssa, abantu abategeevu, we babatunulira ne beewuunya kiki ekigenda mu maaso. Ebyo, ebintu ebyo Katonda tabyagala. Okuwonyezebwa tekulina kubeera mu nkuŋŋaana bwe zityo mwokka. Okuwonyezebwa kulina okubeera mu buli kkanisa ey'omu kitundu, n'ebirabo bino byonna nga bikola. Naye ebirabo ebyo temubitijjisa. Leka kussa nnyo mwoyo ku kirabo. Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'ayagala okukukozesa, Ajja kukikola. Wabula, noonya Oyo agaba ekirabo ekyo.

493 Martin Luther, lumu oluvannyuma lw'okwogera mu nnimi, yabuuzibwa lwaki tabuulira ku kwogera mu nnimi, n'agamba nti, "Ekyo singa nkibuulira, abantu bange bajja kunoonya kufuna kirabo mu kifo ky'okunoonya okufuna Oyo akigaba." Bwe kiri.

494 Moody, lumu, yali abuulira, n'atandika, bwe yali abuulirira wansi w'amafuta, yayogera mu nnimi. N'agamba nti, "Ayi Katonda, nsonyiwa olw'okwogera ebigambo eby'obusirusiru." Mazima ddala. Okiraba? N'olwekyo ebintu ebyo baabirina. Naffe ebintu ebyo tubikkiriza, naye biteekwa okuteekebwa mu bifo byabyo. Era tebiteekwa kutwalibwa nga bukakafu bwa kintu kyonna.

495 Mu Bayibuli temuliimu kintu kyonna, kyoleka "bukakafu bwa kuba na Mwoyo Mutukuvu," okuggyako ebibala by'Omwoyo. Noonyaayo ekifo kyonna Yesu we yakyogerera. Yee, ssebo. Obukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu by'ebibala by'Omwoyo gwo. Yesu bw'atyo bwe yagamba nti, "Mulibalabira

ku bibala byabwe." "Era ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, emirembe, obuwombeefu, n'obuteefu. Ate ebibala by'omulabe bwe bulabe, obukyayi, obuggya, empaka, n'ebirala; ebyo by'ebibala by'omulabe." N'olwekyo, osobola okwekebera okusinziira ku ngeri gye weeyisaamu, n'omanya wa w'oyimiridde ne Katonda. Omutima gwo gwonna mu bujjuvu bwe guba mu mukwano naye, era nga omwagala era nga oli muwombeefu, era nga otambula naye buli lunaku, omanya nti wasomoka n'ova mu kufa n'odda mu Bulamu. Bwe kitaba bwe kityo, nga ggwe oli biri ebirala ebikontana n'ebyo, awo obeera ogeegeenya bugeenya kya kuba Mukristaayo. Bwe kiri. Nga ate, okugeegeenya kwonna okw'omubiri kulyanikibwa ne kutegeerekeka. Ekyo tukimanyi.

496 N'olwekyo, totambulira mu bulamu bwa ngeri eyo, tewali nsonga lwaki obutambuliramu. Nga lwaki okkiriza ekintu ekirala ekiwaanyisiddwa mu kifo kya kiri ekya nnamaddala, nga obwengula bwonna bujjuddemu ebirungi era ebya nnamaddala? Mazima ddala. Nze njagala ntwale Katonda, kye njagala. Amiina.

497 Kati, waliwo omuntu yenna eyazze nga yeetaaga okusabirwa? Bw'oba w'oli, yimusa omukono gwo. Twabadde n'okusabira abalwadde ku makya. Ndowooza . . . Omukyala ono ali wano? Kale, mwannyinaffe, osobola okusembera mu maaso wano eno? Nga muganda waffe, omukadde, wano, bw'akka wansi okukusiiga amafuta. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

. . . njakaako;
Ha, njakaako, Mukama, njakaako,
Leka Ekitaangaala okuva ku munaala kinjakeko.

498 Si mulungi nnyo? Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe, mu kasirise. Tuddemu tuyimbe, *Yaka Ku nze*, nate. Kati, ffenna, ka tuyimbe, nti, "Njakaako . . . " Kati musinze mu mmeeme yo, olaba, mu kasirise. Kati ekitundu ky'olukuŋŋaana eky'okusabira abalwadde kye kiddako. Obubaka buwedde. Leka tusinze.

Leka Ekitangaala okuva ku munaala kinjakeko.
Ha, njakaako, Mukama, njakaako.
Leka Ekitangaala okuva ku munaala kinjakeko.

Njagala kimu kyokka kufaanana Yesu, kufaanana Yesu, (O!)
Ku nsi njaayaana okumufaanana;
Okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa,
Nsaba kimu kyokka kumufaanana.

Tujja kutambuliranga mu Musana, Omusana omuyitirivu obulungi,
Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja;
Gwakaayakana wonna okutwetooloola, emisana n'ekiro,
Yesu, Omusana gw'ensi.

Mwe mwenna abatukuvu b'Omusana mulangirire,
Yesu, Omusana gw'ensi,
Olwo ebide by'Eggulu binaavuga,
Yesu, Ekitangaala ky'e. . .

Tukkirize, ayi Mukama, nga bwe tukusinza.

Tujja kutambulira mu Musana, Musana omulungi,
Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja;
Gwaka okutwetooloola emisana n'ekiro,
Yesu, Omusana gw'ensi.

499 Okugogolwa okwo temukwagadde? Muwulira bulungi? Yimusa omukono gwo, okyogere. Waliwo eky'enjawulo ekiri mu nnyimba ezo ez'edda, ennyimba ezo ez'edda, Waakiri mbeera n'ezo okusinga okubeera ne zino empya ez'ensi ze bayingizza, mu makanisa ag'Abakristaayo. Njagala ziri ez'edda, ze njagala.

Yesu, nkuumira kumpi n'omusaalaba, (Bannange!)
Awali ensulo eyo ey'omuwendo,
Omugga oguwonya, ogw'obuwa eri bonna,
Ogukulukuta nga guva mu nsulo ey'e Kalivaariyo.

Mu musaalaba, mu musaalaba,
O, leka bulijjo mwe mba nneenyumiririza;
Okutuusa emmeeme yange ejjudde essanyu lw'erifuna
Ekiwummulo emitala w'omugga.

500 Mpulira nsobola okuva mu nsi mu mirembe nga oluyimba olwo bwe luyimbibwa, naawe bw'owulira? Nga kirungi nnyo! Byonna biri ntende? Omanyi, ndi musanyufu okuba nti byonna nnabitereeza, ggwe toli musanyufu? Ebbanja ery'edda eryali limmanjibwa, lyonna lyasasulwa dda. Nnamugamba nti, "Mukama, ssaagala kutaataaganyizibwa kwa ngeri yonna ku mugga. Nja—njagala mbeere mukakafu kati." Njagala mmumanye. Njagala mmumanye.

501 Waliwo ekinnya ekinene, ekikutte enzikiza ekiri mu maaso ga buli omu ku ffe. Era eyo gye twolekedde. Buli mulundi omutima gwaffe lwe gukuba, tweyongera okukisemberera. Naye bwe ndikituukako, ssaagala kutintima nga mutiitiizi, njagala

nneezingirire mu byambalo by'obutuukirivu Bwe, nkiyingiremu, nga mmanyi kino, nti, "Mmumanyi mu maanyi ag'okuzuukira Kwe." Kibeere nti, bw'Aliyita, ndivaayo mu bafu.

Kwange . . .

502 *Okukkiriza Kwange Kutunuulidde Ggwe*, leka tuluyimbe kaakano.

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw'Endiga ow'e Kalivaaliyo,
Ayi Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Ggyawo ebibi byange byonna,
Era toŋŋanyanga okuwaba
Okukuvaako.

503 Kaakano, Omuyigiriza omukulu, nga bw'Otuyigirizza mu Kigambo Kyo ekirungi eky'ekitalo, emitima gyaffe gibugaana essanyu, olw'ekisa eky'okukwakkulibwa, okukimanya nti twasomoka ne tuva mu kufa ne tuyingira mu Bulamu. Nga byonna byabaawo okuyita mu bulungi bwa Mukama waffe Yesu, Oyo eyatuyita, era eyatunaaza mu Musaayi Gwe, era atwanjudde mu maaso g'Entebe ya Katonda, nga tetuliiko kabi konna, nga tetuliiko kya kunenyezebwa kyonna, kubanga Yatwala ebibi byaffe. Tetulina kibi. "Obujeemu bwaffe Katonda yabussa ku Ye, era Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe." O, nga tumwagala, Omwana gw'endiga gwa Katonda omukulu!

504 Era tukusaba, ayi Kitaffe, Otusobozese okwogera, okunnyonnyola, tusobole okutegeeza abalala, nabo, basobole okumutegeera, era bamwagale, kubanga Abaagala. Tuwe ekisa kino.

Era tukwebaza, ayi Kitaffe, olw'abaana abo abawere abaakajja bazaalibwe mu Bwakabaka bwa Katonda. Tusaba bafune ekkanisa ennungi awantu awamu eyo gye babeera, bakuweerereze omwo okutuusa okufa lwe kulibasumulula okuva mu mubiri guno omukadde ogujjudde obulumi n'ebinyigiriza, kubaleete mu maaso Ge, nga tebaliiko kabi konna, nga tebaliiko kya kunenyezebwa kyonna, mu mulembe ogugenda okujja, era nga balina Obulamu Obutaggwaawo. Kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

Abaebbulaniya, Essuula Ey'Omukaaga 2 LUG57-0908E
(Hebrews, Chapter Six 2)
Obubaka Obukwata Ku Kitabo Ky'Abaebbulaniya obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 8 Ssebutemba, 1957, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org